335/2
LUGANDA
Paper 2
JULY/AUGUST 2010
$2^1/_2$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Paper 2**

**2 hours 30 minutes**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu, A,B, ne C*

- *Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu A ne B.*
- *Mu kitundu C, ddamu ebibuuzo bisatu byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.*

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2010

Turn Over

Scanned by CamScanner

# EKITUNDU A

**1. Soma ekitundu kino n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. (Obubonero 25)**

Mu nnimi zonna ezoogerwa mu nsi mulimu ezimu eziyitibwa enkulu ennyo n'endala ezitali nkulu nnyo. Ennimi eziyitibwa enkulu ennyo ziba na bino;

Ziba n'ebitabo bingi ebyawandiikibwa edda muzo era n'eby'ennaku zino. Ebimu mu bitabo ebyo biba bya magezi aga buli ngeri ebyawandiikibwa bakagezimunnyu mu biganbo bye baawandiikako. N'ebirala biba bya ngero enkadde n'empya eza buli ngeri.

Ziba zoogerwa abantu bangi, zoogerwa mu mawanga amayigirize ennyo era amakulu era ziba zeekenneenyezebwa dda abakugu mu by'ennimi.

Mu biseera bino waliwo ennimi nga ttaano ezirabika nga zirina ebigambo ebyo byonna ebina era nga ze zino; Olungereza, Olufalansa, Olulassiya, olusipeyini n'olugeremani.

Ku nnimi ezo omuntu asobola okwogerako obulungi ebbiri, aba yeesiimye. Asobola okwogera zonna ettano obulungi, oyo okwesiima kwe kuba kwa nsusso.

Obukulu n'omugaso gw'ennimi ezo bye byagazisa abantu b'amawanga agatali ga nnannyinizo okuziyiga. Naddala abantu abali mu nsi ezifugibwa n'ezirabirirwa amawanga ga nnannyini nnimi ezo enkulu, bateekwa buteekwa okuziyiga basobole okuwuliziganya nababa babalabirira.

Eyo y'emu ku nsonga ffe mu Buganda kyetuva twagala okuyiga obulungi olungereza. Naye ensonga esinga ddala obukulu y'eno nti, olungereza luli ng'oluguudo olunene oluyinza okututuusa ku nnyanja y'amagezi.

Ennyanja eyo y'e ndulundu y'ebitabo eby'amagezi aga buli ngeri ebyawandikibwa edda mu lungereza, n'ebiwandiikibwa ennaku zino.

Nze ŋŋamba nti ekyo kikafuuwe. Omuganda yenna asobola okukuba olungereza obudinda, asaana abe ng'amanyi nnyo n'oluganda. Tulaba nti n'abantu bomu mawanga amatonotono mu Bulaaya ne munsi endala bwe bayiga olulimi ku nnimi zino ettaano enkulu, tebasuula lulimi lwaboobwe. Tebakoma ku butasuula nnimi zaabwe ez'obuzaaliranwa naye bulijjo bafuba era baafuba dda, nazo okuzikuza. Abantu bomumawanga gano; Italy, Holland, Denmark, Norway, Poland, Hungary, n'ensi endala, ennimi zaabwe bakyazoogera, era amagezi ge bayigira mu nnimi ezo gabamala okuba abagunjufu ddala. Anti obugunjufu tebuli mu kumanya nnimi wabula mukusobola okukozesa omutwe, n'omutima, n'emikono. Singa kiyinzika Buganda n'efuna ebitabo ebiri mu Luganda ebiyigiriza amagezi nga buli ngeri tewali nsonga eyandiganye abaganda okuba abagunjufu okugoberera abantu b'ommawanga g'omu Bulaaya abamu abatamanyi lulimi nalumu ku ziri enkulu zetulabye.

**(Kisimbudda mu, Olulimi oluganda aka M.B. Nsimbi.)**

**Ebibuuzo:**

a) Ennimi enkulu ozirabira ku ki? (Obubonero 4)



Scanned by CamScanner

b) Kiki ekyagazisa abantu b'amawanga ag'enjawulo okuyiga ennimi enkulu? (Obubonero 4)

c) Leeta ensonga ssatu(3) kyetuva twagala okuyiga obulungi olungereza mu Buganda. (Obubonero 3)

d) Lwaki omuwandiisi aleese ensi nga: Italy, Holand ne Denmark? (Obubonero 3)

e) Omuwandiisi awadde nsonga ki egaana Abaganda okuba abagunjufu? (Obubonero 3)

f) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye; (Obubonero 5)

i) kwa nsusso

ii) okufuuka ffugge

iii) adibage

iv) okukuba obudinda

v) endulundu.

Mu bibuuzo (g, h, i, j) koppolola ekisingako obutuufu. (Obubonero 4)

g) Mutwe ki gwe wandiwadde ekitundu ky'osomye?

i) Obutasuula nnimi enzaaliranwa.

ii) Olulimi lukufuula omugunjufu

iii) Bwoyiga olungereza ng'odibaga olulwo.

iv) Olungereza nnyanja y'amagezi.

h) Obugunjufu tebuli mu kumanya lulimi wabula buli mu...

i) kudibaga lulimi.

ii) kuba na lilimi lwo.

iii) kusobola kukozesa mutwe, mutima n'emikono.

iv) ku lwogera n'ofuuka ffugge.

i) Omuwandiisi alaze nti omuntu afuna okwe imа okwensusso yoyo...

i) Ava munsi nga Italy ne Denmark.

ii) Amanyi ennimi enkulu bbiri.

iii) Atadibaga lulimi Luganda

iv) Amanyi okwegera obulungi ennimi enkulu ttaano

j) Ennimi omuwandiisi z'alaze nga zirina ebisanyizo ebizifuula enkulu ziri;

i) Bbiri

ii) Ssatu

iii) Ttaano

iv) Wakati we'ebbiri nennya.



© *WAKISSHA Joint Mock Examinations 2010*



Scanned by CamScanner

## EKITUNDU B

**Kola 2a) ne (b)**

2. a) Maliriza engero zino nga bwezoogerebwa: (Obubonero 10)

   i) Embaga enyuma kiro.................................................................

   ii) Agenda y'alaba.................................................................

   iii) Amaanyi ameemanye.................................................................

   iv) .................................................................bw'ekula ogyambalako eddiba.

   v) W'ova toyombye.................................................................

   vi) Ssemuto wattira eggege.................................................................

   vii) Empiiga n'empiiga.................................................................

   viii) Ebigambo bya kuno bingi.................................................................

   ix) Ssebukoko buto.................................................................

   x) .................................................................y'alikusambya.

   b) Nnyonyola amakulu g'engero zino wammanga: (Obubonero 5)

   i) Gwomenyera mu nkejje, ewuwe alya luti.

   ii) Gyotega amaggwa bwebakugoba gye bakuzza.

   iii) Omuto mbuzi, terundwa wa kamwa.

   iv) Embwa yange tebba, ng'eyise ku lwaniko lwa taba.

   v) Ky'owola otudde, okibanja oyimiridde.

## EKITUNDU C

**Ddamu ebibuuzo bisatu(3) mu kitundu kino ng'obiggya mu butabo bwanjawulo ng'akamu ku bwo ka bitontome.**

### KIWANUKA MUSISI: Kikonyogo.

**Kola 3a) oba 3b)**

3. a) Nga weesigama ku lugero Kikonyogo, nnyonyola ebikolwa omuntu by'asaanidde okwewala mu bulamu bw'ensi eno. (obubonero 20)

**Oba**

   b) Omuwandiisi yeeyambisizza atya enkula y'ensi okuzimba olugero lwe?

### C. KALINDA: Pawulo Kirimuttu.

**Kola 4a) oba 4b)**

4. a) Bintu ki Kalinda by'agezaako okuvumirira mu lugero lwe Pawulo Kirimuttu? (obubonero 20)

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2010



Scanned by CamScanner

**Oba**

b) Ow'eno! Owange...................... Tulo ki tweweebasse?

i) Ani ayogera ebigambo ebyo era yali ayita ani? (obubonero 4)

ii) Kiki ekyali kituuse ku oyo gwe yali akowoola? (obubonero 2)

iii) Nnyonyola ebyaddirira amangu ddala ng'ebyo bya kabaawo. (obubonero 6)

iv) Okuva ku katundu ako okutuuka ku nkomerero y'akatabo, laga ebizibu eby'enjawulo ebituuka ku Paulo Kirimuttu. (obubonero 8)

## WALABYEKI MAGOBA: Zonnampayippayi

**Kola 5a) OBA 5b)**

5 a) Omuganda nnakabala bw'akyala mu maka ga Dokita Luti atulika n'aseka. Bintu ki ebiyinza okumuviirako okusekerera amaka gano? (obubonero 20)

**Oba**

b) Bintu ki byetuyigira ku bantu bano mu muzannyo Zonnampayippayi?(obubonero 20)

i) Kiyini

ii) Dokita Luti

iii) Harriet

iv) Maayi

## EBITONTOME EBITEESIBA: Tomasi Kagera

6a) Soma ekitontome EKYALO MULEKWA n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo .

### EKYALO MULEKWA

Obugiddwa ensozi engolokofu
Zitumbidde nnyo ngulumivu
Zibwanyemu ng'emikomago
Zirina embubbu tteete n'enkuli
Kuliko obusaka ebyazi n'enjazi
Ndabayo amagana ag'ente n'embuzi
Waliyo enyange n'ennyonyi nkumu.

Olinayo obugga nsaalu n'enzizi
Mw'ovuba ensonzi mpozzi n'emmale
Ku kikko wali awaliimwa emmere
N'awali amakubo ag'eka n'ettaale
Nnengera enyumba ezooleka ekkula
N'eyomwami ow'essaza ekkulu.

Nsuku z'eno nazo zibala emmere
Ettaka okulimwa lyanguya okkuza
Busaka n'obubira mw'ofuna enkumi
Ndabamu obukima n'ensolo nkumu
Amakubo agazise agadda ku nzizi
Lwaki okulima kwalema okkolwa?

**Turn Over**



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2010

Scanned by CamScanner

Abantu be mpitako ye nga munyoto
N'ensuku ezizise nnanda na ssere
Nnyumba kwe nsoose omuddo mu lupya
N'eyokubiri abantu tewali
Obwana bwe ndabawo bungi ku kkubo
Buzanyirira bwonna bwa ssanyu.

Bwe nnyumyamu nabwo bundagirire
Ngenda gye simanyi ewa LUMU omuyi
Ne bumbikira nti yaziikwa jjo
N'abalala nfaafa bafa buli olukya
Kyonna kizise; abeera muwere
Kyandituumiddwa erinnya mulekwa.

Bambi buli mu nziina bwerumaluma
N'obumu bukaaba nnyo busowottoka
Waasi wakati ye nju saasira ojune
Bwe buliri lye ssenge mwattu kye kiwu
Enkuba ne lw'ettonya n'ekuba emmome
Kyokka tebagyewogomye n'etobya abayi
Mpozzi ku nfugi ng'ezo oluusi kwe baba
Bonna ne balinyirirwa baalaba bali
Be bayinike ab'eno ab'oku luuyi lw'Afrika.
Ku luguudo lw'ekibuga Kampala eryo lye linnya
Kuliko abakungubaga bw'otunula n'obeesa
Muzibe bayinzeeyo n'ebibatu bya nkunku
Babirembeka ayitawo ow'ekisa oyo n'abajuna
Abamu babeekaanya balala babekkaanya
Bamu n'endusu ensowera byonna bya luganda ku bo
Be bayinike abaana ab'okuluuyi lwa Afrika.
Mweraba naye ennyiike ey'abatuuze b'Afrika
Ensuza nkulungutana kuba nabo baazaalwa
N'ensolo nkumu ez'eka zibavuganya embeera
Mbeera kuba wa kisale nandikoze kye nnyinza
Ne mbasengula enguudo ne ntebenkeza ebyalo.

**Ebibuuzo:**

i) Nnyonyola ku kifaananyi ky'ekyalo Mulekwa. (obubonero 7)

ii) Nnyonyola ebintu omuwandiisi byakozesezza okusobola okuzimba ekitontome kino. (obubonero 6)

iii) Ekitontome kino kikuteeka mu mbeera ki? (obubonero 3)

iv) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebyeyambisiddwa mu kitontome. (obubonero 4)

- ebigiddwa
- munyoto
- ekkula
- omuyi

**Oba**

6b) "Bwentyo ne ndowooza nti yaakatunaazaako amaziga, n'okutubeesabeesa ng'a tuyiiyiza n'okutuwandiikira ebitontome ebinyuvu.." Laga engeri Kagera gy'atuukirizaamu essuubi ly'omwanjuzi ono. (obubonero 20)



Scanned by CamScanner

7 a) Soma ekitontome ENSI SIGITEGEERA n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**ENSI SIGITEGEERA.**

Neetooloovu nga nnamuziga
Ate yaseeteera ng'emmeeza
Wabula yannema okukenga

Ensi!
Nagibuukako dda nze nagikkuta bumere
Nagikuukako nagita ngiwanda na lulusu
Muntu agireetako eryanyi anaalaba bikulu
Birimuviiramu mu maaso biriba bya ndasi
Biraba bya naku.

Ensi!
Baagirabirawo abagezi ne bagerenjula:
Gavugira aliwo ogamanyi amagoma Ssebo
Akusekera leer'ekya akuyita bbali
Gw'oliwonya eggere at'olwo y'alikusambya .
Gw'olya naye enjokerere mbu "oyo dduma bikalu"
Olwo abibotodde.

Kulembera ndabe entumbwe y'agikulega
Tunaayita babiri ng'akawala akatebuse
Woligwa we ndigwa ku ssaawa emaliriza
Ogenda ku lulwo bye yawera tajjukira.
Olwo ng'akudduka!

Ensi!
Olizaalibwa bw'oti bonna liba ssanyu
Lusuumukamu bwoti nti "aliba mpiri"
W'o ffiira nga bakunyiyiddwa bakukkuse
Sso nno nga mpaawo baaba kye wabakola
Okwekoboggoza mbu "lutuwonye luyanguye"
Nze oJwo ne ntamwa.

Ensi!
Bw'oba omusomi nti asoma ki omubbi omukenkufu?
Atagisoma olwo ofuuka alina eddogo
Bw'ogeziwala nti "Sso nga ganaamwesera."
Bw'osiriwala nti "nakyo kyayinga bumpeme'"
Olwo owuttuse.

Ensi!
Bw'oba omugabi nti "owa nga baneegula!
Bw'okodowala nti "ggaamu amuli mu ngalo."
Lw'osanyukako nti "owa nga tuneetamwa"
Bw'onakuwala nti "waggume tagendeka"
Olwo obizze.

Turn Over

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2010


Scanned by CamScanner

Ensi!
Omweru ow'ebbala eddungi eyalungiwa
Ntí "yayeruka nga kino kye bakama!"
Kaddugala ow'erangi ebasaaliza
Mbu "Yíi n'enziziri yalungiwa!"
Olwo okutuza ndiga!

Ensi!
Bw'oba omumpi ng'eno mbu eyesezebwa
Nti "mumpi awunya ttaka kalabe nno gye kakoma!"
Bw'oba omuwanvu lwadagada omugoggofu
Nti "nnyaabula lulabe n'empewo erukasuka"
Olw'ofuuse lusolobyo!

Ensi!
Ow'akabina mbu "simanyi nsejjere eyingira nkata?"
Atakalina nti "olinga luno mwe tuyita!"
Bw'oba omunene mbu "gulinga gusolosolo"
Bw'oba ornutono ennumba olwo
ogifaananye
Olwo wakenduka

Ensi! Agitegedde nkusaba okole kino:
Weereza Katonda wo Lugab'eyakukola
Beera mwesigwa wadde tebasiima tebalaba
Beera mwamufu y'alikuweera eyagereka
Olwo akuwummuze.

**Ebibuuzo**

i) Lwaki omuwandiisi addiŋŋana ekigambo "ensi"? (obubonero 05)

ii) Mutwe ki omulala oguyinza okutuukira ku kitundu ky'osomye? (obubonero 02)

iii) Abawandiisi boolesezza batya obukugu mu kitontome kino? (obubonero 08)

iv) Omutontomi ali mu mbeera ki? (obubonero 02)

v) Omuntu ategedde ensi, omutontomi amuwa magezi ki? (obubonero 03)

**Oba**

b) Nnyonyola ebintu ebiraga nti Masagazi ne banne beetegereza nnyo ensi nga bayita mu bitontome bya **Balya n'enseekeezi.** (obubonero 20)

**BIKOMYE**



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2010

Scanned by CamScanner

335/2
LUGANDA
PAPER 2
JULY/AUGUST 2011
$2^1/_2$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Olupapula olw'okubiri**

**Essaawa Bbiri n'ekitundu.**

**EBIGOBERERWA:**

*Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu, A,B, ne C*

- *Mu kitundu A ne B ebibuuzo byonna bya buwaze.*
- *Mu kitundu C, ddamu ebibuuzo bisatu byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.*

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2011

**Bikkula**

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU A

**1. Soma ekitundu kino n'oluvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. (Obubonero 25)**

Ekigambo kwanjula kyekikozesebwa omuwala bw'aleetera bakadde be omulenzi n'amubanjulira ng'ayita mu omu ku ba ssenga be. Omulenzi okutuuka ku lunaku lw'okwanjula aba amaze okulabagana ne Ssenga ne bakkiriziganya nti y'agenda okutwala omuwala waabwe babeere omwami n'omukyala.omulenzi bwagenda mu bazadde b'omuwala nga abatwalidde ebirabo aba agenze kwanjulwa. Omukolo guno mukulu nnyo mu bulombolombo bwaffe era gusaana okutwalibwa nga gwa kitiibwa. Ekimu ku bikulu ebigendererwa mu mukolo guno be bazadde b'omuwala. abooluganda abatono ennyo okulaba mu butongole omulenzi agenda okutwala muwala waabwe era ono y'entandikwa y'olugendo lw'obufumbo.

Omukolo gw'okwanjula edda gwabanga gwa kyama nnyo era nga gubeerako abantu batono ab'omunda abataabikkule kyama na kulaalasa nti Nalwoga muwala wa Nsubuga ayanjudde omulenzi Bbosa. Mu kyama kino mwalimu okwekengera n'okuwanuza eddogo, okukonjera oba okutemerera omuwala agagambo n'ebirala ebyayinzanga okuvaamu okumulekawo. Abooluganda nabo mwabangamu abakwatirwanga omuwala ensaalwa ne bamutemerera ebigambo omuwala amukyawe. Omukolo gwatekebwanga mu ngeri esinga okuba ey'ekitibwa ennuŋŋamu ku njuyi zombi olw'omulenzi n'olwomuwala era nga tekubeerako bantu bangi nga bwe kiri kati. Omukolo bweguggwa emirembe buba bukakafu nti abazadde b'enjuyi zombi bakkirizza abaana baabwe okubeera abafumbo omwami n'omukyala.

Eky'okufumbiriganwa kintu kikulu nnyo era ne mu byawandiikibwa ebitukuvu bikakasa nti kyekimu ku by'obutonde wakati w'omusajja n'omukazi omuli ebigendererwa ebiwerako. Mulimu ekya buli omu okubeera ne munne nga babeeragana, basanyusagana awamu n'okuleeta n'okukuza ezzadde eddala erinavaamu abantu abalala abomugaso mu nsi. Mu lubereberye 2:18 mukama Katonda akkatiriza obukulu bw'obufumbo n'ayogera nti sikirungi omuntu okubeeranga yekka, bwatyo n'amukolera omubeezi amusaanira.

Ensangi zino omuwendo gw'abantu abawerekera omuko gugenze gugejja songa edda kyatwalibwanga nnyo okuba ekizibu okumanya ekiri mu mutima gwa buli muntu. Mu bawerekedde muyinza okubaamu abakola ebitasaana oba okwogera ebyensumattu abakulu ne basunga omuko obungi bw'abantu abajja mukwogereza, kifudde omukolo okuba embaga ewedde emirimu. Omulenzi afuba okutwala oba okusabibwa ebintu bingi ate n'abazadde nabo ne bafuba okutegekera abako olukunkumuli. Kituuse okweralikiriza abaana w'amu n'abazadde olw'ensimbi ennyingi ezeetaagisa okutegeka omukolo olw'ebyetaago ebiri ku njuyi zombi. Wandibaawo okweraliikirira nti abamu bandituuka okulemwa emikolo gino oba abamu nebafuba naye nga bayise mu kwewola olwo bwe bamala okwanjula, embaga ne zibalema olwa ssente zona okuggweera mu kwanjula ate nga basigadde mu mabanja. Abalina obusobozi obutono bwe balaba abatutte enkuyanja y'ebintu ku buko bafuna okutya era ekivaamu be bawala okukaandaalirira awaka. Abawala bwe bakandaalirira ku lugya olw'abalenzi okulemwa okufuna entwala y'ebintu by'okutwala ku buko nga beesitula kugenda kwefumbiza.

**(kisimbuddwa mu kwanjula mu Buganda ekya Bapere Luggya – Lwasi)**



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2011

Scanned by CamScanner

**Ebibuuzo:**

a) Omuwandiisi alaze kigendererwa ki ekiri mu kwanjula? (Akabonero 1)

b) Omuwandiisi atukubira kifananyi ki ku mukolo gw'okwanjula okwedda (Obubonero 4)

c) Lwaki omukolo gw'okwanjula okwedda gwabanga gwa kyama? (Obubonero 6)

d) Nokolayo ebigendererwa by'okwanjula bisatu ng'omuwandiisi bwabiraze. (Obubonero 6)

e) Nnyonyola ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye. (Obubonero 4)

i) Okukonjera.
ii) Okwekengera
iii) Babeeragana
iv) Olukunkumuli

kubino ebikuweereddwa wammanga (f,g.h.i) londako ekisinga obutuufu oluvannyuma okikoppolole.

f) Ebyawandiikibwa ebitukirivu omuwandiisi aleese byaki?
i) Okulaga nti n'obufumbo buba butukuvu
ii) Kukatiriza bukulu bwa bufumbo
iii) Okulaga nti si kirungi omuntu okubeera nga yekka.
iv) Okulaga nti buli ekiri ku nsi katonda ye yakitonda.

g) Omuwandiisi afananye okuvumirira eky'okutwala abantu abangi mu kwanjula lwaki?
i) Balya nnyo
ii) Obulako w'obatuuza
iii) Abasinga baba basunzi
iv) Muyinza okubaamu abakola ebitasana.

h) Omuwandiisi akiraze lwatu nti bangi kubawala abeefumbiza kiva ku?
i) Bako kwogera bya nsumattu
ii) Bako kugenda bangi ku buko
iii) Okukandaalirira awaka
iv) Bako kutwala nkuyanja y'ebintu.

Turn Over

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2011



Scanned by CamScanner

i) Okusinzira ku kyosomye mu kitundu kino ekigambo kwanjula kitegeeza?

i) Omuwala okutwalira bakadde be omulenzi anaamuwasa
ii) Omulenzi okutwala ebintu mu bazadde b'omuwala
iii) Omukolo ogw'ekitiibwa mu bulombolombo bwaffe.
iv) Omwogezi okwanjula ebirabo by'abazadde.

## EKITUNDU B

**Ddamu namba 2(a) ne (b)**

(Obubonero 10)

2. a) Maliriza engero zino nga bwezoogerebwa

i) Amaanyi ameemanye........................................................................
ii) Tokiiya ŋŋonge nto........................................................................
iii) Asooka okwekweka........................................................................
iv) Ssemuto w'attira eggege................................................................
v) Ebigambo byakuno bingi................................................................
vi) ........................................................edibya mutere.
vii) ........................................................ bukunga kyebunaamalawo
viii) ........................................................ be balima akambugu
ix) ........................................................ omulungi takimanya.
x) ........................................................tazibirirwa budde.

(Obubonero 5)

b) Nnyonyola amakulu g'engero zino wammanga ag'omunda:

i) Ebirwa byelabirwa amalusu gafuuka engeregeze.
ii) Embiro entono zikira okwekweka.
iii) Amagezi muliro bweguzikira ogunona ewamunno.
iv) Akajja obunaku keemanya ejjanzi teribuuka nanzige.
v) Gwe kitaliiridde nnyina nti linda bukye.

## EKITUNDU C

**Ddamu ebibuuzo bisatu(3) mu kitundu kino ng'obiggya mu butabo bwanjawulo ng'akamu ku bwo ka bitontome.**

### CRANMER KALINDA: Pawulo Kirimuttu.

**Kola 3a) oba 3b)**

3. a) "Mubutuufu tusanyuse nnyo okubeera naawe........ naye ekyo si kyenakuyitidde".

i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (Obubonero 2)
ii) Omwogezi w'ebigambo ebyo yali amuyitidde ki? (Obubonero 2)
iii) Gwebagamba ebigambo ebyo yaganyulwa atya mu bantu b'ekitundu ekyo? (Obubonero 2)
iv) Agambibwa ebigambo ebyo nsobi ki zeyakola ngali n'abantu b'ekitundu ekyo. (Obubonero 8)



Scanned by CamScanner

**Oba**

b) "Olugero lwa Kalinda Pawulo Kirimuttu lulambika bulungi ebizibu ebiri mu bulamu obwabulijjo" Taanya endowooza eno.

## WYCLIFF KIYINGI: GW'OSUSSA EMMWANYI.

**Kola 4a) oba 4b)**

4. a) Abayivu mu muzannyo gw'osussa emwanyi beenyigidde batya mu kulinnyirira eby'obuwangwa bwabwe? (obubonero 20)

**Oba**

b) Kiyingi atuzimbidde atya abantu bano mu muzannyo gwe Gw'osussa emmwanyi.
   i) Bannakyalo (obubonero 10)
   ii) Bannakibuga (obubonero 10)

## G.MUKASA ROBERT: Tokiiya ŋŋonge nto

**Kola 5a) OBA 5b)**

5. a) Buli muwandiisi w'olugero, talemwa kutobeka mpisa za nsi mw'ebyo byatottola. Kino Mukasa Robert akiraze atya mu Tokiiya ŋŋonge nto? (obubonero 20)

**Oba**

b) Omuwandiisi Robert G.Mukasa ntanda ki gyasibirira abantu be ngayita mu lugero lwe Tokiiya ŋŋonge nto. (obubonero 20)

## MASAGAZI NE BANNE : Balya n'ensekeezi.

6a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo .

**ESSANYU**

Essanyu bajjajjaffe okuligeza
Ku ly'owa gonja ogamba baali beebafu?
Anti likwebuza likuddusa
N'obugujjana obulako n'obutuuliro.

Bigezo ng'oyise olwo kiba kikujjuko
N'omutambuze ojula okumuyita abirumike
Okirako akimezezza okw'enjala
Ayaluza enkoko omukira mu kwetala.

Ng'ofunye lupiiya nkumu ezitagambika
Essanyu bukule busekooseko
Oyagala obaweemu bannoobo bwe musula
Anti ng'okujaganya okujaguza kukutembye

Kabuladda aboneseeko akukyalire
Kaluulu n'olaya n'obugalo ne buvuga
Bifuba mubigwamu n'obwala ne mukaza
Zikimeeme ne sseggwanga ne zisalwa.

Gw'oyagala gw'osuuta gye gusula
Bwe gubasaza mu kabu nga muli naye
Essanyu, obukule n'obulali ne mutema
Buwoomereze okirako ak'olwegguloggulo.

Omulwadde assuuse Katonda yeebale
Essanyu! Buyinike olwo bukomye
Oguze kano na kali mbu omusanyuse
Naawe olage essanyu lyo ng'assuuse.

Mu ssanyu njuba ekwakira mu bujjuvu
At'obunyonyi bukaaba nga bamalayika
Bimuli birabika ng'ebisekaaseka
N'omuddo ku ttale ne guba ng'omucamufu!

**Ebibuuzo:**

i) Bintu ki ebyenjawulo ebireeta essanyu mu bulamu. (obubonero 5)

ii) laga obukugu bw'omutontomi mu kuzimba entunnusi mu kitontome ekyo waggulu. (obubonero 5)

iii) Menya ebifaananyi eby'eyolese mu kitontome ekyo waggulu (obubonero 4)

iv) Nnyonyola ku nsengeka y'ekitontome kino. (obubonero 6)

**Oba**

6b) Nyonyola ensonga ezaagazisa abantu ebitontome bya Masagazi ne banne? (obubonero 20)


© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2011

Scanned by CamScanner

## PHOEBIE MUKASA: JJANGU TUTONTOME

**Kola 7a) oba 7b)**

7 a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

### ENKULA Y'OMUNTU

Waliwo emitwe,
Emitwe egy'enjawulo,
Waliwo ogw'ensoomi,
Waliwo ogw'enkoona,
Ate ogw'ekibumbuli,
Tulina ogw'enseenene,
Waliwo ogw'amasiga,
N'ogw'ekibuutabuuta.
Kyokka era, gyonna mitwe!

Tulina amaaso,
Amaaso aga buli ngeri,
Waliwo ag'endege,
Waliwo ag'engege,
Ate ag'oluwuka,
Tulina aga nnawolovu,
Waliwo ag'olwenge,
N'ag'obututi bw'eddiba,
Era n'ag'endali,
N'ag'olutule,
Kyokka era, gonna maaso!

Twakula amaabeere
Amaabeere aga buli kika,
Waliwo ag'ensuubo,
Waliwo nnambaalaala,
Ate ag'empummumpu,
Tulina ag'ebiteeko,
Waliwo ag'eppaapaali,
Nambaalaala omusajja
N'omukazi,
N'aga nnansale,
Kyokka era, gonna mabeere!

Baatuwa amagulu,
Amagulu ag'enjawulo
Waliwo ag'enkobogo
Waliwo ag'ebitege

Ate ag'obutagali,
Tulina ag'ekiyima,
Waliwo era n'agakalegete;
N'ag'ensaamu,
N'ag'eminyolo,
Kyokka era, gonna magulu!

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2011



Scanned by CamScanner

Twekulira enviiri
Enviiri eza buli nkula,
Waliwo mumyerere,
Waliwo ne kaweke,
Ate ne masadde,
Tulina eza kakupe,
Ne kaweke owa kakumemme,
Ez'omuwemba,
Kyokka era, zonna nviiri!

Tulina ebyenyi,
Ebyenyi eby'emisono,
Waliwo eky'ensonda,
Waliwo eky'amasega,
Ate eky'olubiri,
Tulina n'eky'empumi,
N'eky'ekiwalaata,
N'ekyenyi nkuku,
Kyokka era byonna byenyi!

Tulina emimwa,
Emimwa egyo egy'enjawulo,
Waliwo egy'olugali,
Waliwo egy'ensumbi,
Ate n'egyo egy'entamu,
Awamu n'egy'omuntu,
Kyokka gyonna, era mimwa!

Twaweebwa ebitundu,
Ebitundu bingi nnyo,
Naye sibimaleeyo,
Naawe noonya ebisigadde,
Omanye enkula zaabyo!

**Ebibuuzo**

i) Bintu ki kw'osinzira okukakasa obunyuvu bw'ekitontome kino (obubonero 06)

ii) Omutontomi asaze magezi ki okutonda entunnusi mu kitontome kino? (obubonero 06)

iii) Omutontomi ayise mu mitendera ki okussa ekitundu kino mussa ly'ebitontome? (obubonero 06)

iv) Bubaka ki obuli mu Sitanza esembayo? (obubonero 02)

**Oba**

b) Weeyambise ebitontome bya Pheobe Mukasa kkumi(10) okuva mu kitabo jjangu tutontome onyonyole emiramwa gya buli kitontome. (obubonero 20)

**BIKOMYE WANO.**



Scanned by CamScanner

335/2
LUGANDA
PAPER 2
JULY/AUGUST 2012
$2^1/_2$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

## Uganda Certificate of Education

## LUGANDA

**Olupapula olw'okubiri**

**Essaawa Bbiri n'ekitundu.**

EBIGOBERERWA:

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu,* **A, B,** *ne* **C**
- *Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu* **A** *ne* **B.**
- *Mu kitundu* **C,** *ddamu ebibuuzo bisatu byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.*

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2012

**Bikkula**

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU A

1. **Soma ekitundu Kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo. (obubonero 25).**

Ddungu ye Lubaale w'ettale wamu n'abayizzi bonna mu Buganda gyebafa benkana. Batugamba nti Ddungu yali muntu eyaliwo edda ennyo nga n'eggwanga lino Buganda terinnabeerawo, kyebava bamuyita Omusangwa, anti abajja mu Buganda bonna baamusangawo. Yali musajja wa Lugave, yali muyizzi kkungwa era ng'obulamu bwe bwonna bwa kuyigga. Ebiseera ebisinga yabeeranga na mbwa ze zokka nga tabeera na bantu.

Yakeeranga kumakya n'agenda okuyigga n'effumu lye wamu n'embwaze. Yateganga olutuula oludda lw'ekizigo ate n'adda oludda olulala n'ayasira embwa ne zigoba ensolo. Era ensolo egenda okutoola mu lutuula nga yatuuse dda okugifumita era ensolo bw'etaagwanga mu kitimba ng'agigoba okutuusa lw'agitta. Era teyaddanga wuwe nga tannatta nsolo. Yayigganga obudde ne buziba ne bukya (ky'ova owulira nga bamuyimba nti; "Ayigga n'ekiro mu ttumbi").
Abantu baabanga beebase nga bawulira ayasira embwa nga n'ebide bivuga. Yali musajja muwanvu, wa kiwago, yayambalanga maliba ga nsolo nga makadde nnyo ag'obulere.
Ddungu ono teyalyanga mmere nfumbe. Bweyattanga ensolo ng'akuma omuliro ku ttale ng'ayokya nnyamaye. Bweyafunanga emmere ng'ayokya njokye. Bweyamala nga okwokya ennyama n'emmere ng'akola olujjuliro nga batuula na mbwa ze nga baliira wamu.
Bwewaaberangawo omuyizzi yenna atasobola kugumira kya kuliira wamu nambwa oyo ng'omuyiggo gumusubye. Kigambibwa nti yafunayo omuntu omu yekka gwe baayitanga kayizzi eyasobola okuliiranga awamu n'embwa za Ddungu era Ddungu yagamba nga nti tasobola kwawulira mbwa ku muyiggo kubanga zo ze ziba ziyizze n'olwekyo nga tasobola kuzaawulizaako, Kazikwate ekifi kyezeesiimidde zirye naye atoolewo ekimusanyudde alye.

Ng'oggyeko ennyama, otwenge twali tumuwoomera nnyo era omuntu bweyagenda nga ewuwe n'amutwalira ku kireere ky'omwenge ng'ayinza okumupiika ennyama ejula n'okumutta.

Yalina embwa ye nga nzirugavu ya nnamaaso n'endala ng'erimu ebyakikuusikuusi n'ebiddugavu. Yo eyamunywanyiwe Kayizzi nga myufu. Mu byobuwangwa byaffe buli nsolo yonna enjizzi eyitibwa mbwa ya Ddungu nga engo n'empologoma; olw'okuba ziyigga nsolo zinnaazo kwe kuziyita embwa za Ddungu.

Enfa ya Ddungu tewali agimanyi. Anti teyatuulanga mu kifo kimu. Yagenda nga ayigga n'amala ebbanga nga talabikako ate baalabiranga awo ng'agguse. Ekyavaamu n'abulira ddala. Kale baayinzanga okuwulira ng'omuntu ayasira embwa mu ttumbi, okutuukayo nga tebamulabako. Abayizzi bonna mu Buganda omuyiggo bagwesigamya ku Ddungu, era tulina n'ennyimba eziwerako ezikwatagana ne Ddungu oyo nga zino;

i) Ddungu Ddungu muyizzi n'alengera gyezaaliira.
ii) Ddungu Ddungu ng'ayigga Namwabula.....

*(Bisimbuddwa mu Entanda ya Buganda nnamba 3)*



Scanned by CamScanner

**Ebibuuzo.**

a) Lwaki Ddungu ayitibwa omusangwa? *(obubonero 2)*

b) Menya ebyewunyisa (4) ku musajja Ddungu. *(obubonero 4)*

c) Ddungu yali musajja mwenkanya nnyo. Kino kyeyolese kitya mu kitundu ky'osomye? *(obubonero 3)*

d) Leeta ebifaananyi (6) omuwandiisi by'atukubidde ku Ddungu. *(obubonero 6)*

e) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye. *(obubonero 5)*

i) kkungwa
ii) n'ayasira
iii) okutoola
iv) ag'obulere
v) okumupiika

**Mu bibuuzo (f, g, h, i, j) koppolola ekisingako obutuufu.** *(obubonero 5)*

f) Mu Buganda buli nsolo eyigga eyitibwa ya Ddungu kubanga:-
i) Ddungu yaliira nga wamu n'embwa.
ii) Ddungu yali ayagala nnyo embwa ze.
iii) Ddungu nga tomwawula ku mbwa ze.
iv) Ziyigga nsolo zinnaazo.

g) Bwewaabeerangawo omuyizzi yenna atasobola kugumira kyakuliira wamu nambwa oyo ng'omuyiggo gumusubye. Kino kitegeeza;
i) Eby'okuyigga ng'abivaako.
ii) Nga tagabana ku nnyama eyiggiddwa.
iii) Embwa yazigobangawo ye n'afuna ennyama.
iv) Ng'asula n'okusiiba ng'ayigga.

h) "Ekkumi terikyawa omu"Ddungu yalina mukwano gwe nga ye:-
i) Kayizzi
ii) Embwaye enzirugavu
iii) Embwaye emmyufu
iv) Namwabula.

i) Abayizzi bonna mu Buganda omuyiggo baagwesigamyanga ku Ddungu kubanga:-
i) Baalina ennyimba ku kuyigga.
ii) Ebiseera ebisinga teyabeeranga na bantu
iii) Ddungu ye lubaale wettale n'abayizzi bonna.
iv) Teyaddanga wuwe nga tannatta nsolo.

j) Omutwe ogwalituukiridde ku kitundu Kino gwe guno.
i) Ddungu ne mbwa ze.
ii) Lubaale Ddungu talya mmere nfumbe
iii) Ddungu tafanga.
iv) Ennyimba za Ddungu.

**Bikkula**



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2012

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU B

2. a) **Maliriza engero zino nga bwezoogerebwa.**
   i) Embaga enyuma kiro…………………
   ii) Agenda y'alaba………………………
   iii) W'ova toyombye……………………
   iv) Empiiga ne mpiiga…………………
   v) Gw'owonya eggere…………………
   vi) …………………..nti omwami yeesaze akajegere.
   vii) …………………..endeku bw'ogigolola emenyeka bumenyesi.
   viii) …………………gali mu ngalo.
   ix) …………………tewona.
   x) …………………gw'olya naye y'akutta.

(obubonero 5)

b) **Nnyonyola ebyokuyiga ebiri mu ngero zino.**
   i) Wakka awunya nga ggwe omulumbye mu nswaze.
   ii) Omuto mbuzi erundwa wakamwa.
   iii) Gy'otega amaggwa bwe bakugoba gye bakuzza.
   iv) Emmwanyi gye weesiga tebaamu mulamwa.
   v) Gw'omenyera mu nkejje ewuwe alya luti.

## EKITUNDU C

**Ddamu ebibuuzo bisatu mu kitundu kino ng'obijja mu butabo bwanjawulo.**

### C. KALINDA - PAWULO KIRIMUTTU

Ddamu nnamba 3(a) oba 3(b).

3. a) "Kalinda agenderera kutukyayisa kitonde kikazi mu lugero Pawulo Kirimuttu" nga weeyambisa eby'okulabirako eby'enkukunala, kakasa endowooza eno. (obubonero 20)

**Oba**

b) "Omulungi tabulako kamogo" Obulungi n'akamogo ka Pawulo, omuwandiisi abyolese atya mu lugero Pawulo Kirimuttu? (obubonero 20)

### ROBERT. G. Mukasa – Tokiiya ŋŋonge Nto.

Ddamu 4(a) oba 4(b)

4. a) Olugero Tokiiya ŋŋonge nto lwoleka okudobonkana kwensi kwetuli. Kino kyeyolese kitya mu lugero? (obubonero 20)

**Oba**

b) Abantu bano bazimbiddwa batya mu lugero Tokiiya ŋŋonge Nto?
   i) Kasobeza
   ii) Ttiina
   iii) Lujjwijjwira
   iv) Peter.

(obubonero 20)



Scanned by CamScanner

Ddamu 5(a) oba 5(b)

**5. a) Soma ekitontome kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.**

ABASAMALIYA ABACAAFU
Mukeera mu masinzizo,
Musinze eyasinga.
Abasamaliya ababi mwe!
Abaana abaleera.
Asabiriza omujeezi
Mubayita kuli temunyega!
Abasiibirira enguuli,
Temunyeze kubanenya,
Mubalese kugula!
Abanywi b'enjaaye,
Temuteganye kubakomya,
Bafuuse bamawaya.
Abasazi b'ensawo,
Temuteganye kulabula,
Ziwembwe zitulidde!
Abalwadde abasiba,
Tebasuddwa ku mukono,
Balekwa kutondoka!
Emirambo gya luno,
Mugibuuse temugitya,
Abakubagizi babalwa!
Amabugo g'abafu,
Temutya, "mugeepena!"
N'omufu ammibwa,
Mbu mugenda kusinza!
Abawe ki omusinzwa
Abasamaliya abacaafu!
Mukole ebirungi.
Abawe omusinzwa
Abasamaliya abalungi.

**Ebibuuzo**

i) Omutontomi alaze atya aneeyisa y'omuntu? *(Obubonero 2)*

ii) Biki ebifuula ekitontome Kino okuba ekinyuvu? *(Obubonero 8)*

iii) Ekitontome Kino kizimbiddwa ku miramwa ki?` *(Obubonero 6)*

iv) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome.

- Omujeezi
- Ziwembe
- Omusinzwa
- Balekwa kutondoka. *(Obubonero 4)*

**Oba**

b) Ekimu ku bigendererwa bya Masagazi ne banne mu kuwandiika ebitontome bya Balya N'enseekeezi, kwekutulaga engeri ennungi gyetulina okweyisa eri bannaffe. Nnyonnyola bulungi n'ebyokulabirako. *(Obubonero 20)*

**Bikkula**

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2012



Scanned by CamScanner

Ddamu 6(a) oba 6(b)

6. a) Soma ekitontome Kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**ABASAWO**

Abasawo, tubeebaza tutya?
Abatusawula obulwadde obwa buli ngeri.
Abatawuukana okukebera buli abatuukako.
Katubeebaze, kuba basaana kwebaza.

Abasawo, tubaweere ki?
Owomusujja, n'omutwe oyo bavumula,
Ab'obusukko, n'olukuku, babajjanjaba,
Ka tubeebaze, era basaana kwebaza!

Abasawo, tubakolere ki?
Olaba ab'ebigenge ne ssumaama baababkwatako
Abasajjuse amabwa ne babanyiga!
Ka tubeebaze, ddala basaana kwebaza.

Abasawo, ka tubasiimeko,
Olaba mukenga n'endwadde eziri mu nnyama!
Ez'omu bwongo obwasabikwa ne muziringiza!
Ka tubeebaze mazima basaana kwebaza.

Abasawo, ka tubasabire,
Abazaalisa obwana obulemaganye,
Abayulubuza omuntu naddamu n'alama!
Ka tubeebaze, wamma basaana kwebaza!

Abasawo ka tubawaaneko,
Akalwadde akababuuka nga tekaliwona'
Olaba bakyusa n'emitima, ba kawenkene,
Ka tubeebaze aa basaana kwebaza!

Abasawo, ka tubawaaneko,
Akalwadde akababuuka nga tekaliwona,
Olaba bakyusa n'emitima, ba kawenkene,
Ka tubeebaze aa basaana kwebaza!

Abasawo, mweyongere okukola,
Tusanyukira omulimu ogwabakwasibwa,
Temuterebuka eddagala bwe lisereba,
N'okutukebera kwokka kutuwonyesa!

**Ebibuuzo**

*i)* Nyonnyola ku nsengeka y'ekitontome ekyo. *(obubonero 07)*
ii) Nyonnyola ku nzimba y'amaloboozi agali mu kitontontome kino. *(obubonero 05)*
iii) Menya embeera ezenjawulo omutontomi z'atuteekamu nga tusoma ekitontome ekyo. *(obubonero 04)*
iv) Obukugu bw'abasawo bulagiddwa butya mu kitontome kyosomye waggulu? *(obubonero 04)*



Scanned by CamScanner

**Oba**

b) Phoebe Mukasa atunuulidde atya obulamu obwa bulijjo ng'ayita mu bitontome bya Jjangu Tutontome? *(obubonero 20)*

**WYCLIFE KIYINGI – GW'OSUSSA EMMWANYI**

Ddamu 7(a) oba 7(b)

7. a) Nyonnyola ebintu abalabi oba abasomi b'omuzannyo Gw'osussa emmwannyi byebavumirira ku bazannyi abatali bamu.

**Oba**

b) Laga bulungi engeri Kiyingi gy'atuzimbiddemu abasajja mu muzannyo Gw'osussa emmwanyi.

**BIKOMYE WANO.**

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2012

Scanned by CamScanner

335/2
LUGANDA
PAPER 2
JULY/AUGUST 2013
$2^1/_2$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Olupapula olw'okubiri**

**Essaawa Bbiri n'ekitundu.**

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu,* **A, B,** *ne* **C**
- *Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu* **A** *ne* **B.**
- *Mu kitundu* **C,** *ddamu ebibuuzo bisatu byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.*

Wetala

# EKITUNDU A

**1. Soma ekitundu Kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.** **(obubonere 25).**

Okufiirwa ennimi zaffe okulengerwa mu maaso, kulabika kugenda kuleetebwa abantu ab'enjawulo, okusookera ddala mu bakulu abavunaanyizibwa okusengeka eby'okusomwa mu masomero gaffe, abasomesa b'ennyini awamu ne bannannyini masomero okwo ssaako abazadde abaasoma ennyo ennimi engwira, abatafuddeeyo kuwa nkizo nnimi zaffe enzaaliranwa nga mpozzi balowooza nti kasita abaana bamanyi okuzoogera oboolyawo abamu balowooza nga okukuza eggwanga lyaffe tuteekwa kuyiga nnimi ndala. Weewaawo ekyo kituyamba okumanya ebifa mu balala n'okukolagana naddala mu by'obusuubuzi, naye nga tekyanditugaanye kuyiga nakukuza nnimi zaffe n'okuzinoonyamu eby'anagezi ebiterekeddwamu, era n'ebyo byetusobola okwongeramu singa tuweereddwa omukisa okwetengerera mu nnimi zaffe.

Era waliwo n'amasomero agamu abasoosa abaana abasooka mu ssomero n'ennimi engwira ate nga za tteeka. Omwaka nga guweddeko ababa bakoze obulungi mu nnimi ezo babongera mu maaso nazo, so ababa baziguddde olwo ne babazza mu Luganda! Tolaba nga twekotoggera?

Mu kifo ky'okutandika n'olilimi oluzaaliranwa olwo ababa bakoze obulungi ne bongera n'ennimi engwira. Nsuubira nga ekyo kyandibaddemu eggumba okuwa omukisa buli omu okumanya olulimi lwe.

Tulabire ku mawanga amalala agakola ebintu eby'omugaso, nga babikolera mu nnimi zaabwe; Abagirimaani, Abangereza, Abajapaani, Abachina, n'abalala bangi, okukola bye bakola tebateekwa kusooka kusuula nnimi zaabwe n'okuyiga engwira. Ate nno buli omu nga yeemalirira, ggwe tova w'ovudde n'ogenda mu China nga weenaanise amataayi ng'olaga obukugu bw'olina mu lungereza, mbu, omanye bye bamanyi, tojja kubifuna, okuggyako ng'okkakanye wansi n'osooka okuyiga oluchina, olwo n'osobola okugabana ku magezi gaabwe. Era bwekiri ku buli ggwanga eririna keririna. Tewali lulimi lugatta Bulaaya oba Asia yadde nga bangi kubo balina ebigambo bingi nnyo ebyaggibwa mu nnimi endala.

Wano mu Africa abantu abamu balina endowooza egamba mbu oluswayiri lulimi lwa Africa. Weetegereze bulungi engeri oluswayiri gye lwassibwawo mu Africa ojja kulaba ng'abatuuze b'a Africa balina akatundu katono nnyo, ettundu erisinga lya lulimi luwalabu. Mu Africa tekitwetaaza kugatta nnimi zaffe mbu tufune olufirika, terujja kujja. Turabire ku Runyakitala olwa bangwawo gye buvuddeko abatuuze bameka abalwenyumirizaamu ng'olulimi lwabwe? Okuggyako abo abalukolamu ebigezo oluggwa nga luterekebwa mu bitabo. Abooluganda buli omu asse omwoyo ku kwogera n'okuwandiika olulimi lwe, kasita oli aba ayagala okumutegeera amutegeera. Okwefuga kwaffe okutuufu, kujja kugererwa ku ngeri gyetusobola okwetengerera mu ngeri gyetusobola okwetengerera mu lulimi, eby'obulamu, ebyenfuna, eby'enjigiriza era n'ebyenfuga.

Bassebo ne bannyabo mwenna abalumirirwa enkulaakulana y'eggwanga lyaffe, musabibwa okuddamu okuteesa engeri y'okunnyikizaamu ensomesa y'ennimi zaffe enzaaliranwa tusobole okufuna abatuuze abanyikivu mu ggwanga lyaffe. Jjo luno Nnamunswa yalagira Abaganda okuwandiika eby'amagezi. Singa Kino kikoleddwa bannaffe abalina ke balinawo, wamma ggwe twandibadde twenunudde okugeza abasawo, bannamateeka, bamakanika, abazimbi n'abalala okutuwandiikira ebikwata ku bukugu mu mirimu egyo mu Luganda. Wattu omusomesa olaba otya singa essomo eryo ly'osomesa erikaluubirira ennyo abayizi olizza mu Luganda, tolaba nga bangi bandyongedde ku bubonero? Ekisinga okuwubisa ennyo abantu baffe ssikutegeera kinyusi naye buzibu bwa lulimi olusomesezebwamu ebyo. Sinsonga oba yadde obasomesezza mu lulimi lwe basinga okutegeera. Aboogezi b'oluganda bandikulaakulanye nnyo.

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2013



Scanned by CamScanner

Abamu bayinza okutya olw'ebigambo ebimu ebiyinza okuba ebizibu okuzza mu Luganda, naye ekyo si kizibu, anti basobola okubigandawaza ne bifuuka bya Luganda, ekyo si kipya mu nsiike y'ennimi. Ennimi nnyingi nnyo enkulu zizze zitwala ebigambo okuva mu nnimi endala; okugeza, olulattini bw'oluggya mu oluyonaani lulagaya, olungereza nga nalwo olutoddemu olulattini, olugirimaani olufalansa n'endala nnyingi, nalwo lufuna emyagaanya mingi. Kale ekyo kireme kutiibwa bannaffe abaganda okutuwandiikira nga Omutanda bwe yalagira.

***(Kisimbuddwa mu lulimi oluganda olwatuyitimusa aka Prisca Nnakitto).***

**Ebibuuzo.**

a) Okufiirwa n'okusaanawo kwe nnimi zaffe omuwandiisi asinze kukussa ku baani? *(obubonero 4)*

b) Okuyiga ennimi endala kituyamba ki? *(obubonero 4)*

c) Lwaki omuwandiisi atukubiriza okussa ennyo omwoyo ku nnimi zaffe enzaaliranwa? *(obubonero 4)*

d) Abalowooza nti ebigambo ebimu si byangu kuzza mu Luganda omuwandiisi abawa magezi ki? *(obubonero 2)*

e) Leeta ebyokulabirako ebiraga nti okwewola ebigambo mu nnimi endala sikipya ng'omuwandiisi bw'akiraze. *(obubonero 3)*

f) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebikozeseddwa mu kitundu kyosomye.
   i) enkizo
   ii) lulagaya
   iii) weenaanise
   iv) eggumba

*(obubonero 4)*

**Ku bino (g, h, i, j) genda ng'olondako ekisinga okuba ekituufu.**

g) Omutwe gwewandiwadde ekitundu kino gwe guno.
   i) Obukulu bw'ennimi enzaaliranwa.
   ii) Ennimi zona zikoppa okuva ku ndala.
   iii) Okwogera oluganda n'okuwandiika.
   iv) Oluwalabu lwe lukola mu Africa.

h) "Luno jjo Nnamunswa yalagira Abaganda okuwandiika ebya magezi". Kino kitegeeza ki?
   i) Abaganda babadde bawandiika bya busiru.
   ii) Kabaka yakubiriza Abaganda bajjumbire okuwandiika ku bintu ebizimba.
   iii) Nnamunswa yalaba ng'ebyamagezi tebiriiwo.
   iv) Abaganda bakoppe abazungu n'aba China.

i) Omusomesa bw'asomesa essomo lye mu Luganda.
   i) Abayizi nabo bafuuka basomesa
   ii) Abayizi bwebadda ebbali bennyonnyola.
   iii) Abayizi bafuna obubonero bungi.
   iv) Abayizi bategeera nnyo ate mangu.

j) Omuwandiisi ategeezaaki bw'agamba :- "Era kiri kubu'i ggwanga eririna keririna""
   i) Eggwanga eritatabulatabula nnimi.
   ii) Eggwanga erisinza abantu aboogera oluzaaliranwa.
   iii) Eggwanga erikulaakulanye.
   iv) Eggwanga erisomesa ennimi engwira.

**Bikkula**



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2013

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU B

**Kola 2(a) ne 2 (b)**

(obubonero 10)

2.(a) Maliriza engero zino nga bwezoogerebwa.

i) Alima ne bba …………………

ii) Ekisirisa afumba ……………………………

iii) Empiiga n'empiiga ……………………………

iv) Akasukka omumiro ………………………….

v) Akugoba ………………………

vi) ……………………ow'enkata tozinga.

vii) ……………………teguba muka.

viii) ……………………tekikugaana kumulagiriza.

ix) ……………………akira nakwagadde.

x) ……………………tebulamu zziika.

(obubonero [illegible])

2.(b) Nnyonyola amakulu g'engero zino ag'omunda.

i) Eza kalimpaka ziggweera mu ssaazi.

ii) Alina embwa tasuula ggumba.

iii) Aganaanyuma tegalinda ηηoma kulaya.

iv) Enkumbi okubula ewa munafu mpoza.

v) Abangi webasimba olunwe we kyabikira.

## EKITUNDU C

**Ddamu ebibuuzo bisatu byokka mu kitundu kino ng'obijja mu butabo bwanjawulo.**

**Wycliffe. Kiyingi – Gw'osussa emmwanyi**

**Kola 3(a) oba 3(b).**

3.(a) Laga engeri ez'enjawulo okusussibwa emmwanyi gye kweyolekera mu muzannyo Gw'osussa Emmwanyi *(obubonero 20)*

**Oba**

(b) "…..nze tonzannyisa, abakazi nina mukaaga abebweru nga sibaze… ..'

**Ebibuuzo.**

i) Ani anyumya emboozi eyo era aginyumiza ani? *(obubonero 2)*

ii) Nnyonyola anjawulo y'anyumya n'oyo gw'onyumiza. *(obubonero 10)*

iii) Abali mu mboozi eyo waggulu bakiikiridde batya obulamu bwa bannayuganda?

*(obubonero 8)*

© *WAKISSHA Joint Mock Examinations 2013*



Scanned by CamScanner

**C. Kalinda: Pawulo Kirimuttu**

**Ddamu ekibuuzo 4(a) oba 4(b).**

4.(a) Nnyonyola emiramwa egy'enjawulo Kalinda kw'azimbira olugero Pawulo Kirimuttu.
*(obubonero 20)*

**Oba**

(b) Nnyonyola enneeyisa y'abantu b'e Wabinoga etasaanira eri Pawulo. *(obubonero 20)*

**G. Mukasa Robert.– Tokiiya ŋŋonge Nto.**

Kola 5(a) **oba** 5(b)

5. (a) Olugero Tokiiya ŋŋonge nto lukoze lutya ng'ettaala eri abavubuka b'akaco kano?.
*(obubonero 20)*

**Oba**

(b) Embeera z'abannakibuga Tokiiya mweyakulira ze zaavaako okwonooneka kwe. Kubaganya ebirowoozo *(obubonero 20)*

**Pheobe Mukasa. Jjangu tutontome**

**Kola 6(a) oba 6(b)**

6. (a) Soma ekitontome ebirowoozo oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**EBIROWOOZO**

1. Ebirowoozo enkumu,
Bwe bikujjula nnyini,
N'olowooza ebyayita,
Ate n'olowooza ebiddirira,
Olwo n'osirukirira,
Ate nga bw'olumwa!

2. Ebirowoozo byesomba,
Ne byetuuma eggugu,
Ne weebuuza ekyasoba,
N'olowooza ekibula,
Olwo n'osiriikirira,
Ate nga bw'olumwa!

3. Ebirowoozo byetawula,
N'olowooza eby'egindi,
N'olowooza ab'egindi,
Olwo n'osiriikirira,
Ate nga bw'olumwa!

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2013

Bikkul·

4. Abamu nga beebaka,
Ebirowoozo tebyebasa,
Osisimuka xnu tulo,
N'ofiimitiriza,
Ne weeraliikirira,
Ate nga bw'olumwa!

5. Ebirowoozo byetawula,
Bw'otoba mugumiikiriza,
Bikusuza n'enjala,
Bikubuza n'ekkubo,
Olwo n'osiriikirira,
Ate nga bw'olumwa!

6. Ebirowoozo bikozza,
Bwe bikubugaana,
Emboozi tekwana,
So nga weegumya,
Olwo n'osiriikirira,
Ate nga bw'oluiimwa!

7. Ebirowoozo birwaza,
Obulwadde obwa ddala,
Ne bwe bakubembejja,
Osebengerera era,
Olwo n'osiriikirira,
Ate nga bw'olumwa!

8. Bingi ebyeraliikiriza,
Ng'ate eddagala mpaawo,
Kale mo bw'olowooza,
Otabuka n'okamala;
Olwo n'osiriikirira,
Ate nga bw'olumwa!

9. Ebirowoozo nga byakuzize,
Ne bw'olya obulingi,
Emmere era tegenda!
Olwo n'osiriikirira.
Ate nga bw'olumwa!

10. Bw'obeera ne mukwano gwo,
Ow'emmizi obulungi,
Omugamba ekikukeeta,
Ebirowoozo ne bikweewa!
Olwo n'owummulako.
Okumala akaseera!



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2013

Scanned by CamScanner

**Ebibuuzo:**

i) Omuwandiisi azimbye atya amaloboozi mu kitontome Kino? *(obubonero 5)*

ii) Nnyonyola ensengeka y'ekitontome Kino. *(obubonero 6)*

iii) Omuwandiisi agenderedde ki mu nnyiriri ebbiri z'agenda asembya okuva ku sitanza esooka okutuuka ku eddirira esembayo? *(obubonero 4)*

iv) Okusinziira ku kitontome ky'osomye ekitontomwako kirina buzibu ki eri omutontomi? *(obubonero 5)*

**Oba**

6.(b) Obulamu bwaffe obwabulijjo Mukasa abwolese atya mu bitontome bya Jjangu tutontome? *(obubonero 20)*

## MASAGAZI NE BANNE: BALYA N'E NSEEKEEZI

**Kola 7(a) Oba 7(b).**

7(a) Soma ekitontome kino Mukakitange oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**MUKA KITANGE**

1. Omukazi muka kitange mmwewuunya
Omukazi muka kitange yansobera
Omukazi oli bannange yantabula.

2. N'akutabako yenna n'asunguwala
N'asunguwala yenna n'akwepimira
N'akutunuulira ng'akirako omubikirwa
N'akambuwala gyobeera anyiiziddwa
N'atumblira n'aba ng'omugambeko
N'akuzimbira n'akirako ng'obudde
N'asuukiira n'akirako ng'enswera!

3. Simugambako yenna ye wantiisa
Akolaakola byonna by'akukangisa
Amagamaga kyonna ky'akugobesa
Anoonyereza akwegobeko akuddusa
Yeekubaakuba n'afunayo ekikutiisa
Yeekaamwana akutiise omwamuke
Akulyako n'akamere ng'otunuulira!

4. Akuyigganya n'akirako omuwendule
Akutigomya n'akirako omuwaggule
Akukijjanya sikulimba nkulabudde
Akulangira takityamu nkubuulire
Akugobaganya n'aba ng'atakumanyi
Akuwemula n'aba ng'eyalogebwa
Akusanjaga oli ggwe tomusaagira
Akuliisa by'otomanyi weegendereze
Akulogaaloga akutte oba osiriwale!



Scanned by CamScanner

5. Akuwalana omukazi olw'obuzaale bwo
N'akuwalana bambi olw'effitinaye
Akuwalana oluusi olw'obulungi bwo
N'akuwalana mwattu olw'obuyisabwo
Akuwalana takutya olw'amagezigo
N'akuwalana ababe olw'obutasoma
Akuwalana bambi olw'obugagga bwo
N'akukyawa olw'abaana Katonda b'akuwa
Akukyawa olw'obusika obwa kabiite we!

6. Bwe weerwanako mwattu ku bikolwa bye
Omugambeko bambi akulekese
Okabeerako munnange nkulabula
Akuvumaavuma wenna n'akungula
N'akulangira ommulaba mu kamwa akake
N'akuliisa n'ebitundu ebitayogerwa
N'akuziikuza amagufa ag'abaasomoka
Bakitaawo, bannyoko abo n'abakuliisa
N'akukonjera ebingi eri Kabiite we
Obumere bw'abaana n'abukuliisa
Ebibulawo ate byo n'abikubbisa
Mu bajeemu ba leero n'akuteekamu
N'akusobera omukazi n'okaliirako!

7. Lwaki tandeka bannange simuliiko,
Wa bufambo bwe-ebyobufumbo sibimany.
Lwaki tandeka ebyobusika sibyagala,
Amagezi ge nafuna kye ky'obusika.
Lwaki tandeka siri mufumbi ewa Ssebo,
Wa buggya bwe ebyobyuggya sibiyinza.
Lwaki tandeka ng'ebyange si bye bibye.
Nze ne bwe ndifa ebyange talibiyinza.
Lwaki tandeka aboolugauda abampalanya,
Abayigiriza ebikolwa eby'ebivve!

8. Omukazi muka kitange mmwewuunya.
Omukazi muka kitange yansobera.
Omukazi oli bannange yantabula!

**Ebibuuzo:**

i) Nnyonyla ebifaananyi omuwandiisi by'akozesezza mu kitontome kino. *(Obubonero 5)*

ii) Omutontomi ali mu mbeera ki? *(Obubonero 2)*

iii) Nnyonyola enneyisa y'omuntu atontomebwako mu kitontome Kino. *(Obubonero 8)*

iv) Omuwandiisi agenderera ki okutandisa ennyiriri essatu ezisooka ate n'azisembyayo ku sitanza esembayo? *(Obubonero 5)*

**Oba**

7(b) Nnyonyola engeri omuntu gy'alagiddwamu mu Balya N'enseekeezi. *(Obubonero 20)*

**BIKOMYE WANO.**

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2013


Scanned by CamScanner

335/2
LUGANDA
PAPER 2
JULY/AUGUST 2014
$2^1/_2$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**Olupapula olw'okubiri**

**Essaawa Bbiri n'ekitundu.**

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu,* **A, B,** *ne* **C**
- *Ddamu ebibuuzo byonna mu kitundu* **A** *ne* **B.**
- *Mu kitundu* **C,** *ddamu ebibuuzo bisatu byokka ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.*

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2014

**Bikkula**

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU A

**1. Soma ekitundu Kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.**
**(obubonero 25).**

Eddiini y'Abaganda ey'ennono ye nsinza emaze wano emyaka n'ebisiibo, abamu gye bayita okusamira. Eddiini eno abantu baffe gye bazze bakkiririzaamu okumala ebbanga eddene nti newankubadde ezze eyigganyizibwa naye teweddeewo olw'ensonga nti ezze emalira abantu ebizibu byabwe.

Okugeza mu mwaka 1917: gavumenti enkuumi yalangiirira nti eddiini eno ewereddwa era amasabo agaazimbibwanga mu mpya olwo ne gazzibwa emmanju, ebiyigganyizo bwe byeyongera n'emmanju, ne gaggyibwayo, olwo ebigali ne bitandika kuteekebwa mu bubbo, mu bitanda wansi.

Ekyaleetera eddiini y'Abaganda okuyitimuka bwe busobozi bwayo okumalira abantu ebizibu byabwe, mu yo temuli kutiisa bantu nti waliyo omuliro ogutazikira oba puligaatooli, ekwata ku bantú n'obulamu bwabwe, eri mu bika byabwe byennyini n'olwekyo abantu tebali wala, ebali mu musaayi.

Buli ddiini ku zino empya yaggulako eddiini eno olutalo, naye ekyewuunyisa nti eddiini eno tebaanuukula ate ng'abantu bangi emisana baba mu ddiini mpya ekiro ne basooba ne bagenda mu ddiini y'Abaganda ey'ennono.

Wabula eddiini eno eyolekedde akatyabaga n'okukyuka ennyo olw'okukoppa eddiini engwira.

Eddiini engwira zajja n'ebintu nga okusomerera omuntu nga bagenda okumuziika, okugatta abagole, okusimba omusaalaba ku malaalo, okuyigiriza nti waliyo eggulu n'omuliro ogutazikira awamu n'okulangirira omuntu afudde mu lubu lw'abatuukirivu, okuba n'enzikiriza nti omuntu eyasooka okutondebwa yali musajja n'oluvannyuma omukazi n'atondebwa n'eddiini y'ennono n'ebikoppa.

Katulambulule ebintu ebyo. Edda omuganda bweyafanga nga bamuziika ne biggwa. Teri bya geyeena yadde eggulu, bwewasobyanga nga bajjajja bakubonererezaawo ate bwewakolanga ekirungi nga bakuweererawo ng'okyali ku nsi, si byakulinda kumala kufa ogabane empeera oba obonerezebwe ng'eddiini engwira bwezibisomesa.

Kati mu ddiini y'ennono bafuna abasamize ne bambala ebyambalo ebikoleddwa mu mbugo okugeegeenya abafaaza ne basoma n'ebigambo ebigeegeenya abaawule nti, "Ebbombo mu bbombo; ettaka mu ttaka...."

Abasamize kati bagatta abagole. Obufumbo bw'Abaganda tebwabangamu kugatta bagole, mpozzi okwanjulwa, n'okuleeta omutwalo n'ebirabo. Wano jjo Ssaalongo Ben Ggulu bwafudde baamulangiridde mu lubu lw'abatuukirivu. Ani yali awulidde omutuukirivu mu kusamira.

***(Kisimbuddwa mu ENTANDA YA BUGANDA Ssebaaseka – muwakanya 2006).***

**Ebibuuzo.**

a) Ebintu ebyogeddwako ebyayitimusa eddiini y'Abaganda ey'ennono byebiriwa.
*(obubonero 5)*



Scanned by CamScanner

b) Laga ebireeta akatyabaga eddiini y'Abaganda byekoppye ku ddiini engwira. *(obubonero 5)*

c) Laga engeri abakulembeze b'eddiini ey'ennono gyebagezezzaako okugeegeenya eddiini engwira. *(obubonero3)*

d) Bintu ki ebituufu ebikooneddwako mu bufumbo bw'Abaganda? *(obubonero 3)*

e) Ab'eddiini ey'ennono baakola ekikolwa eky'obukugu mu kulwana olutalo n'eddiini empya. Kirage *(Akabonero 1)*

f) Nnyonyola amakulu g'ebigambo bino nga bwebikozeseddwa mu kitundu kyosomye.
   i) N'ebisiibo
   ii) okuyitimuka
   iii) akatyabaga
   iv) okugeegeenya *(obubonero 4)*

**Ku bino (g, h, i, j) genda ng'olondako ekisinga okuba ekituufu.** *(obubonero 4)*

g) Eddiini ey'ennono.
   i) Yeesibuka mu nnono.
   ii) Y'ensinza y'Abaganda emazeewo emyaka n'ebisiibo.
   iii) Y'eddiini ey'omumasabo.
   iv) Y'eddiini etali ya Kkanisa.

h) Abasamize bageegeenya abaawule nti;
   i) Ebbombo mu bbombo ettaka mu ttaka.
   ii) Evvu mu vvu ettaka mu ttaka.
   iii) waliyo omuliro.
   iv) waliyo eggulu.

i) Omusamize eyalangirirwa abasamize mu lubu lw'abatuukirivu ye.
   i) Kabwa Kaganda.
   ii) Ye oyo eyakolera abasamize amateeka.
   iii) Ssaalongo Ben Ggulu.
   iv) Maama Fiina.

j) Eyalangirira nti eddiini ey'ennono ewereddwa yali.
   i) Gavumenti eyawakati.
   ii) Gavumenti ey'abayeekera.
   iii) Gavumenti ey'ennono.
   iv) Gavumenti enkuumi.

**Bikkula**



Scanned by CamScanner

## EKITUNDU B

**Ddamu 2(a) ne 2 (b)** (obubonero 10)

2.(a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa.

i) Linda buwere…….. ………………………………

ii) Akajja obunaku keemanya. …………………

iii) …………………….. takunoonya masasula.

iv) ……………………………… gwe bazikuba.

v) Olima awatono… ……………………………

vi) Oguliko omuseesa…………………………….

vii) ……………………………..tegawala luga.

viii) …………………………yamezza Ssemitego.

ix) Atannaziraba…………………………………

x) Entasiima……………………………………

2.(b) Nnyonyola amakulu g'engero zino agoomunda. *(obubonero 5)*

i) Byampuna ng'akulabye wamunju.

ii) Owentono alunda zize ebisige tebyegatta na nviiri.

iii) Wotonnava toyonoona mu kisulo.

iv) Tokiiya ŋŋonge bw'ekula ogyambalako olukoba.

v) Emmwanyi gye weesiga tebaamu mulamwa.

## EKITUNDU C

**Ddamu ebibuuzo bisatu ng'obiggya mu butabo obw'enjawulo.**

## W. KIYINGI : GWOSUSSA EMMWANYI

**Kola 3(a) oba 3(b).**

3.(a) Omuzannyo Gw'osussa Emmwanyi gulaga bulungi ekifaananyi ky'ensi yaffe gyetuwangaaliramu. Nnyonyola n'eby'okulabirako. *(obubonero 20)*

**Oba**

(b) "Mukyala nkubuulire, okunzigya ewaffe n'ondeeta kuno ku kibuga mpozzi ng'ompa mutwalo omwezi……… "

i) Ani anyumya emboozi eyo era aginyumiza ani? *(obubonero 2)*

ii) Nsonga ki eziviiriddeko omunyumya oyo okwekokkola ekibuga? *(obubonero 10)*

iii) Bintu ki ebisibira omunyumya mu kyalo? *(obubonero 8)*



Scanned by CamScanner

## C. KALINDA: Pawulo Kirimuttu

**Kola 4(a) oba 4(b).**

4. (a) "O! jjajjange Kajjongolo! Oyo omusajja mufu"

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era musajja ki ayogerwako? *(obubonero 2)*

(ii) Kiki ekyali kiguddewo? *(obubonero 2)*

(iii) Laga ebiddirira oluvannyuma lw'okwogera ebigambo ebyo? *(obubonero 8)*

(iv) Ayogera ebigambo ebyo omuwandiisi amuzimbye atya? *(obubonero 8)*

**Oba**

(b) Okuzaalibwa n'okufa kwa Pawulo kweyolekeramu eby'obuwangwa ntoko. Nnyonyola bulungi eby'obuwangwa ebyo. *(obubonero 20)*

## G. Mukasa Robert.– Tokiiya ŋŋonge Nto.

**Kola 5(a) oba 5(b)**

5. (a) "……Oli muzira nnamige…. abavubuka b'omulembe guno obanyweddemu akendo."

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani?. *(obubonero 02)*

(ii) Ayogerwako abavubuka b'omulembe guno abanywamu atya akendo? *(obubonero 10)*

(iii) Omuwandiisi azimbye atya oyo ayogerwako ng'omuzira nnamige"? *(obubonero 8)*

**Oba**

(b) Omuwandiisi atulingiza atya ku bizibu ebiri ebulaaya? *(obubonero 20)*

## Masagazi ne Banne: Balya N'e Nseekeezi

**Kola 6(a) Oba 6(b).**

6. (a) Soma ekitontome Omusomesa Taata oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

OMUSOMESA TAATA

Omusomesa wange
Nze nkutenda lwa mulimu
Nze nkutenda lwa by'okoze
Nze nkutenda bya nsusso
Ka tukutende owulire,
Watuyisa Mu zzikiza
Nga'otubangula fenna
N'otubangula ebijja

N'otuleetera emmyanso
Tuyigeeyige eby'ensi
N'okulabisa abalala.

Bikkula



Scanned by CamScanner

Tubatwalire ettaala
Nebatandika ossuula
Olw'okumanya kwe watuwa
Abalala ne babiggiwaza
Abandi ne baawoowoola
Olw'okumanya kwe tulina!

Omusomesa owange
Olw'obukulu bw'alinawo
Olw'okutendeka abantu
Ne bayiiyayiiya ebijuna
Ebitebenkeza ffenna.

Ng'ebyobulamu eby'abasawo
Ng'ebyemmotoka eby'ekikugu
Ng'eby'omubbanga ebitambula
Ng'eby'ebitabo ebiwummuza
N'ebyebitabo ebijjukiza
N'ebirala bye simenye
Nga byonna bya kkula!

Laba bwe ntunula ng'omuntu
Olw'omusomesa gwe mpaana
Ne mbeera n'abantu
Olw'obukozi bw'omusomesa
Bye mmulojjako tebiggwaayo!
N'obasomesa nfaafa
N'obalinyisa entikko
N'obasomosa ejjenjo
Ng'obakuutira era
Mubitwale bye mufunye

Mubigabire abalala
Bafuneefune ag'ensi
Mubagerekere ebyangu
Eby'obujjunyi eby'obwangu
Kwe kumanya kwe mufunye
Batebenkere bonna
Omusomesa oyo!
Ggwe musomesa azaala
Ggwe musomesa atendwa!

**Ebibuuzo:**

i) Biki ebifudde ekitundu kino ekitontome? *(Obubonero 4)*

ii) Makuluki agali mu bunyiriri buno
- n'otuleetera emyanso
- tuyige eby'ensi
- n'otulabisa abalala. *(Obubonero 3)*

iii) Biki omusomi byaganyulwa mu musomesa? *(Obubonero 5)*

iv) Omutontomi asengese atya ekitontome Kino? *(Obubonero 8)*



Scanned by CamScanner

Oba

6. (b) Abawandiisi batuzimbidde batya ekitonde ekikazi mu bitontome bya Balya n'enseekeezi?

*(Obubonero 20)*

**Pheobe Mukasa. Jjangu tutontome**

**Kola 7(a) oba 7(b)**

7. (a) Soma ekitontome Ebitabo oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**EBITABO**

Ebitabo, birina omugaso,
Birimu amagezi, aga bannaffe,
Birimu ezzaabu, eya nnamaddala,
Birimu okuyiga okutagambika!
Mubisome.

Ebitabo, biringa eggwanika,
Birimu kalonda, owa buli ngeri,
Bikuwa okuyiga, by'otamanyiiko,
Obwongo bugaziwa ky'otosuubira!
Mubisome.

Ebitabo, muddu mulungi,
Buli ky'obituma, bikuweereza,
Birimu ebinyuma, ebya nnamusera!
Birimu ekiriisa ekitagambika,
Mubisome.

Ebitabo musimesa nnyo,
Biyigisa bingi by'otoyizeeko,
Bibangula omutwe, mu ngeri ya mpola!
Birimu effeeza, etesimwangako!
Mubisome.

Ebitabo, tebiwuubaaza,
Onyumya nnyini, teweewunikako.
Birimu emboozi makulu ddala,
Biwummuza ebirowoozo!
Mubisome.

Ebitabo, ssente zigenduka,
Birina omukwano, musendekerevu,
Omunyuvu nnyini, ogutacaluka,
Onyumya n'abantu, abatakumanyi!
Mubisome.



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2014

Scanned by CamScanner

Ebitabo, mukwano gwo ddala,
Byo tebyekaanya, tebikukayula,
Bigaziya bwongo, ate biwagala,
Bikuwonya eŋŋambo ezitabangula!
Mubisome.

Ebitabo, kya bugagga nnyo.
Birimu amagezi, ameekusifu,
Abagezi nfaafa, be tutamanyi,
Tubasangamu, ne tunyumya nabo!
Mubisome.

**Ebibuuzo:**

i) Bubaka ki abayizi bwe bafuna mu kitontome Kino. *(obubonero 2)*

ii) Omuwandiisi asinzidde ku ki okuddiŋŋana ekigambo 'mu bisome' ku buli nkomerero ya stanza? *(obubonero 4)*

iii) Ekitontome Kino kizimbiddwa kitya? *(obubonero*

iv) Nnyonyola amakulu gebigambo bino nga bwebikozeseddwa mu kitontome ky'osomye.
- Birimu ezzaabu
- Bibangula omutwe
- Amagezi ameekusifu

*(obubonero 6)*

**Oba**

(b) Nnyonnyola ebyobuwangwa Phoebe Mukasa by'ayolese mu bitontome bye. *(obubonero 20)*

**BIKOMYE WANO.**

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2014



Scanned by CamScanner

335/2
LUGANDA
PAPER 2
July/August 2017
$2^{1}/_{2}$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**(Okusoma bwino, eby'obuwangwa ne Litulica)**

**Olupapula olw'okubiri**

**Essaawa bbiri n'ekitundu.**

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu,* **A, B,** *ne* **C**
- *Ekitundu A ne* **B** *byabuwaze.*
- *Kitundu* **C**, *londamu ebibuuzo bisatu okuva mu butabo obw'enjawulo ng'akamu ku bwo kabitontome.*

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2017

Bikkula

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU A

**1. Soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.**

Ekika kye kibinja ky'abantu nga balina obuzaale n'obujjajja obumu era nga n'ensibuko yaabwe y'emu okuviira ddala ku jjajjaabwe omuberyeberye. Ekika kibeeramu abantu bangi era olw'obungi bwabwe bangi tebamanyagana mu buntu naye nga balina ekibagatta n'okumanyagana ng'omuziro, amannya n'omubala. Ebyo bye bimanyisa nti gundi yeddira omuziro gundi kasita ekimu ku ebyo waggulu kimanyibwa.

Eggwanga ly'Abaganda liyawuddwa mu bika eby'enjawulo wansi wa Kabaka naye ekyewuunyisa kwe kuba nti; okuba mu bika eby'enjawulo tekwawulayawula mu Baganda obutafaanana ng'eddiini oba ebibiina by'obufuzi. Abaganda nga bakola ekintu ekibakwatako ng'ekika basosoze naye oluvannyuma bwe kituuka okukolera eggwanga enjawulo eyo eggwaawo mu lutemya lwa liiso.

Mu byafaayo bya Buganda ebiri mu bikumi n'ebikumi by'emyaka tewaaliwo lunaku nalumu ab'ekika gundi lwe baatabaala ekika ekirala ekiraga obumu n'oluganda lw'Abaganda. Kabaka bwe yakyawa ekika ky'Enjovu n'asalawo okukiyigganya, ekika ekyo kyekweka mu kika ky'Effumbe ne kibulira omwo olwo Kabaka n'alemwa okukisaanyaawo. Oluvannyuma ng'obuzibu buweddewo, ab'Enjovu baddamu okuba ekika ekigumu newankubadde nga Abaganda bwe baalugera nti, "Akugoba tabulwa ky'akusuuza," amannya agamu ab'Enjovu ge batuuma gasangibwa ne mu Ffumbe kale ne tutamanya oba ga Ffumbe oba ga Njovu.

Bwebatyo Abaganda balimu we tuwandiikidde bino, ebika ng'ataano mu bibiri (52) naye nga bigenda byeyongera olw'ebika ebimu okugenda nga byekutulamu. Gamba ng'ekika ky'Ennyonyi kati ekirimu: Ennyange, Nakinsige, ŋŋaali, Akasanke, Endiisa n'ebirala. Nga bwe twagambye waggulu, newankubadde Ennyonyi yeekutuddemu naye tewali bulabe bwonna wakati w'ennyonyi ez'enjawulo Nakinsige, Endiisa oba Ennyange. Ate bwe gutuuka okukola nga Abaganda, tewabaawo njawulo yonna wakati w'ebika ebirala okuggyako okuvuganya mu ngeri ey'essanyu n'okwagalana, ng'abo bali wansi wa Ssaabataka, Ssaabaŝajja Kabaka wa Buganda.

Buli kika kirina obutaka oba ekiggwa gye kisibuka ng'obutaka obwo gemaka ga jjajjaabwe omuberyeberye eyatondawo ekika ekyo. Ekyokulabirkako, omutaka omukulu w'ekika ky'Enkima obutaka bwe buli Bbira (Busiro); obwa Ndugwa ow'Olugave buli Katende mu Mawokota, obwa Mukalo ow'Enjovu buli Kambugu mu Kyaddondo, n'abalala bwe batyo mu butaka bwabwe mu bifo eby'enjawulo mu Buganda. Olwokubanga ekinyusi kya Buganda ey'edda kyali mu Busiro na Kyaddondo, n'obutaka obusinga buli mu masaza ago.

*(Kisimbuddwa mu: OBUWANGWA N'ENNONO Z'ABAGANDA; .M. Mutyaba ne E. Kituuka)*

**Ebibuuzo:**

(a) Bintu ki ebigatta abantu mu kika n'okumanyagana wadde nga tebeemanyi mu buntu? (obubonero 03)

(b) Eddiini n'ebibiina by'obufuzi omuwandiisi abyeyambisizza kutuggyirayo ki? (obubonero 03)

(c) Okuyambagana n'okukolagana mu bika ebyenjawulo kulagiddwa kutya? (obubonero 03)

(d) Menya ebintu bitaano (5) ebyenjawulo omuwandiisi by'ayogedde ku bika okutandikira mu kiba (Paragraph) ekyokusatu. (obubonero 05)

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2017



Scanned by CamScanner

(e) Enjogera "Akugoba tabulwa ky'akusuuza," etuukidde etya ku b'Enjovu? (Obubonero

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe byeyambisiddwa mu kitundu ky'osomye. (Obubonero
   (i) Mu buntu.
   (ii) Lutemya lwa liiso.
   (iii) Batabaala.
   (iv) Bulabe.

**Ku buli kibuuzo (g, h, I, j) koppolola eky'okuddamu ekisingako obutuufu.** (obubonero

(g) Buganda ng'ensi.....................
   (i) ya byafaayo.
   (ii) ebaddewo okumala ebbanga ddene.
   (iii) teriimu bantu batalina bika.
   (iv) erimu ebyafaayo ebyewuunyisa.

(h) ..................kye kyawonya ab'ekika ky'Enjovu obutasaanawo.
   (i) Ekisa kya Kabaka.
   (ii) okulowooza amangu.
   (iii) Ab'Effumbe okujeemera Kabaka.
   (iv) Obuntubulamu bw'Abaganda.

(i) Ssaabataka mu Buganda.......
   (i) y'afuga Bbira, Katende ne Kambugu.
   (ii) y'amanyi ebifa ku bika.
   (iii) y'akulira abataka abakulu b'ekika.
   (iv) y'avunaanyizibwa ku mannya g'ebika.

(j) Ebika mu Buganda......................
   (i) bisukka mu ataano mu ebibiri.
   (ii) Kabaka y'abibeezaawo.
   (iii) obutaka bwabyo buli mu Busiro ne Kyaddondo.
   (iv) amannya gaabyo gafaanagana.

## EKITUNDU B

**Kola 2(a) ne 2(b)**

2. (a) Maliriza engero ezikuweereddwa nga bwezoogerebwa. (obubonero 10.
   (i) Akuyisa enkya.......................................................................................
   (ii) Enju ezimbwa.......................................................................................
   (iii) Nkumanyi muze....................................................................................
   (iv) Agenekera ..........................................................................................
   (v) Eziruma munno ....................................................................................
   (vi) Guwedde mirembe.................................................................................
   (vii) ..........................................................ng'akuzaalira omukazi aloga.
   (viii) ..........................................................ng'akuddako mulungi.

Scanned by CamScanner

..........................................................................kigiyinga buzito.

(ix) ..........................................................................bagitenda ngyo.

(x) ..........................................................................

(obubonero 5)

(b) Nyonnyola amakulu g'engero zino wammanga.

(i) Ettooke oliwanirira likyali ku mugogo.

(ii) Kamwa kabi: katta siroganga.

(iii) Esomoka tewoloma.

(iv) Zimba nnene; tagikubeera.

(v) Abumba akaza awulikikira wala.

## EKITUNDU C

**Londa ebibuuzo bisatu okuva mu butabo obwenjawulo nga akamu ku bwo ka bitontome.**

### C. Kalinda : <u>Pawulo Kirimuttu</u>.

*Kola 3(a) oba 3(b)*

3. (a) "Weebale nnyo eddiini eyo era kyandibadde kirungi ofuuke omwawule."

(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (obubonero 4)

(ii) Omwogezi ategeeza ddiini ki eyo? (obubonero 2)

(iii) Nnyonnyola eby'okuyiga eby'enjawulo okuva mu ssuula eyo. (obubonero 14)

**oba**

(b) Laga abantu ab'enjawulo abaayamba Paulo Kirimuttu n'engeri gye baamuyambamu mu bulamu bwe mu lugero. (obubonero 20)

### Mukasa .G. Robert: <u>Tokiiya Ŋnonge nto</u>.

*Kola 4(a) oba 4(b)*

4. (a) ..........Bwe yabimalaayo nnyina yassa ekikkowe n'agamba nti, "Mmm, bulijjo ndi mu kulya nga katonga ajjula!"

(i) Ani abaako ne byamalayo wano? (obubonero 2)

(ii) Nnyina ani gw'aba abibuulira? (obubonero 2)

(iii) Mu bimpimpi ayogerwako biki by'aba amaliddeyo nnyina? (obubonero 8)

(iv) Biki ebiviirako anyumiza nnyina wano okwonooneka mu mpisa? (obubonero 8)

**oba**

(b) Nnyonnyola engeri omuwandiisi gy'afaananyizzaamu Tokiiya n'abaana b'omulembe guno. (obubonero 20)

### W. Kiyingi: <u>Gwosussa Emmwanyi</u>.

*Kola 5(a) oba 5(b)*

5. (a) Nnyonnyola ku bintu ebiyinza okunyiiza abakyala nga basinziira ku muwandiisi by'akozesa abakazi mu muzannyo. (obubonero 20)

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2017



Scanned by CamScanner

oba

(b) Nnyonnyola okusoomoozebwa Paulo Ssekalegga kw'asisinkana mukwetantala e kibuga. (obubonero 20)

**P. Mukasa : <u>Jjangu Tutontome.</u>**

**Kola 6(a) oba 6(b)**

6. (a) Soma ekitontome **ENJU EGGYA** n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**ENJU EGGYA**
Baatuzukusa mu tulo,
Omuliro gutinta nnyo,
Ewa muliraanwa ebbali,
Ng'eriyo omuteeru!

Twamaguka n'essungu,
Okutuzuukusa mu tulo,
Nga tuwulira okuleekaana,
Nga waliwo akabenje!

Twawulira n'enduulu,
Nga zisattiza ekyalo,
Okwambala mu luggya,
Nga tweyuna okuyamba!

Okulengera emmanju,
Ng'ewa muliraanwa ssebo,
Ennyumba eteta butesi,
Ng'eringa oluyiira!

Twayanguwako nnyo,
Okuddusa obuyambi,
Endagala twazitwala,
Ne tutwala n'amazzi!

Abantu baddusa obulobo,
Nga bakirako amagabi,
Nga battinattina baaba,
Okutuuka ku muyiira!

Nakulabira omuliro,
Ogwabumbujja obulala,
Ogwa bbululu, ogwa kyenvu
Awamu ne kipaapaali!

Nakulabira ensasi,
Bwe zimansuka okukamala,
Ne tuwunyirwa evvumbe,
Olw'eminya egiyidde!

Nakuwulirira ebbugumu,
Bwe litaayiza abantu
Ne nkulabira entuuyo,
Bwe zittulukuka abantu!

**Bikkula**



© *WAKISSHA Joint Mock Examinations 2017*

Scanned by CamScanner

Erikka ne litimbagana,
Ne litaayiza ekyalo,
Ng'olwo okukanula amaaso,
Amaziga ge gakunnumba!

Abantu baakola omulimu,
Ogw'okusikayo abaana,
Ogw'okusikayo obubuzi,
Okubuwonya okufuuka evvu!

Obwana bwalira okukamala,
Obukoko ne bukokkoleza,
Obuliga bwayana ggwe wamma,
Nga bulaajana bulala!

Ebintu baabisomba nnyo,
Naye nga bikuumwa nnyo,
Olw'okutangira agabbi,
Anti nga ge malindirizi!

Amamese twagalaba,
Nga geefubitika obusiko,
Nga gadduka ekibambulira,
Nga gawenyuka bulala!

Amaaso gaatutwakaala,
Amaziga ne gakuuluula,
Ennyindo ne tufeesa nnyo,
Nga bireetebwa enkoomi!

Waaliwo obuluulu nnyo,
Awamu n'okuvuuvuuma,
Okutulikatulika,
Okwawulikikanga ennyo!

Empewo yafuuwa nnyo,
Abaali mu muyonga,
Nga babanoonyeza ennyumba,
Aw'okubudama mu kiro!

Abookerezi bannaffe,
Ettima mukola lya ki?
Lwaki okujoonyesa banno,
Ng'obabonyaabonya bw'otyo!

**Ebibuuzo:**

(i) Menya ebifaananyi omuwandiisi by'akozesezza mu kitontome kino. (obubonero 6)

(ii) Bukodyo ki obwenzimba omuwandiisi bw'akozesezza? (obubonero 5)

(iii) Nyonnyola obubaka obuli mu sitanza esembayo. (obubonero 3)

(iv) Biki ebibaawo ng'enju eggya? (obubonero 6)

**oba**

(b) "Aboogezi b'Olulimi Oluganda mwandibadde temusubwa mukisa kubeerako nako mu maka gammwe.`` Nnyonnyola ebigwanyiza aboogezi b'Olulimi Oluganda okubeera n'akatabo Jjangu tutontome? (obubonero 20



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2017

Scanned by CamScanner

7. (a) **Kola 7(a) oba 7(b)**

Soma ekitontome **LUTAAYA,** oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

**LUTAAYA**

Philly Bbongole Lutaaya
Munnaggomba ow'erinnya
Munnabutambala omumanyifu
Munnayuganda ow'ettendo!

Lutaaya yayimba ebirungi,
Ennyimba ze matendo masa.
Lutaaya yayigiriza ensi ggwe,
Ennyimba ze kyakuyiga nnyo.
Lutaaya yakolera ensi eno,
Ennyimba ze zitumbula okuyimba.
Lutaaya yatumbula ensi eno,
Ennyimba ze zizimba eggwanga.
Lutaaya yabudaabuda abantu
Akoowoola abali ku mawanga.
Lutaaya mwoyo gwafirika nnyo,
Yeewaana nti ye Mufirika.
Lutaaya yayagala Afirika
Yeenyumiririza nnyo mu Bufirika.
Lutaaya yasomoka mbiro naye!

Philly Bbongole Lutaaya
Munnaggomba ow'erinnya
Munnabutambala omumanyifu
Munnayuganda owettendo!

Lutaaya yayimba otulo,
Yalaba e Ntebe nga wala.
Lutaaya yakoowa okwegomba,
Yalaba obuzibu bwa 'Falanga'
Lutaaya yakakasa obuzaale,
Nti yazaalwa mu Afirika
Lutaaya alabula ku byobuwangwa
Yalaga obukulu bw'emiziro.
Lutaaya n'ebirala yayimba:
Ebyeddiini nabyo yayimbako,
Lutaaya obwomu yabwogerako.
Nti butiisa bwennyamiza.
Lutaaya yasomoka mbiro naye!

Philly Bbongole Lutaaya
Munnaggomba ow'erinnya
Munnabutambala omumanyifu
Munnayuganda owettendo!

Lutaaya yateesa ebirungi
Yayagala okugatta abayimbi.
Lutaaya yali muyambi era,
Yayagala abanaku n'abaavu
Lutaaya yalabula ensi ye,
Obulwadde siriimu butta bubi.
Lutaaya yasomesa abantu,

Bikkula



© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2017

Scanned by CamScanner

Mukenenya tataliza tatya.
Lutaaya yawa ensi amagezi.
Awonye amabujje okusekwa.
Yayimba ennyimba alabule,
Ng'alagula ku kizibu ekizze.

Yasaba abo abalwazizza,
Bayambwe bafune obuyambi
Balagwe omukwano guli era
Bawone okutya oggenda.
Yasaba abo abatannalumbwa,
Bayambe abalumbiddwa.
Lutaaya yasomoka mbiro naye!

Philly Bbongole Lutaaya
Munnaggomba ow'erinnya
Munnabutambala omumanyifu
Munnayuganda ow'ettendo!

Mu biseera bye eby'eyagaza ennyo
Mu biseera eby'amasanyu ennyo
Mu biseera eby'emikisa ennyo
Mu ttutumu ery'ekitalo ennyo
Mukujaganya kw'abazadde be
Mu bbanga ly'okuweerwa kwe
N'ossasulwa olw'ebirungi bye
Mu kiseera eky'okunyaga kwe
N'okuwangula olutalo lwe
Adde ku butaka akkalire
N'asalawo oggenda e Zzangwa!
Lutaaya yasomoka mbiro naye.

Philly Bongole Lutaaya
Munnaggomba ow'erinnya
Munnabutambala omumanyifu
Munnayuganda owettendo.

**Ebibuuzo:**

(i) Nnyonnyola engeri ekitontome kino gye kisengekeddwamu. (obubonero 8)

(ii) Omuwandiisi yeeyambisizza bukodyo ki okufuula ekitontome kino ekinyuvu? (obubonero 6)

(iii) Nnyonnyola omulamwa oguli mu sitanza ey'okuna. (obubonero 2)

(iv) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitontome: (obubonero 4)

- Zitumbula
- Yeenyumiririza
- Bwennyamiza
- Oggenda

**oba**

(b) Nnyonnyola eby'obuwangwa byetuyiga mu bitontome bya Balya Nensekeezi. (obubonero 20)

**BIKOMYE WANO**



Scanned by CamScanner

335/2
LUGANDA
PAPER 2
July/August 2018
$2^1/_2$ hours

# WAKISSHA JOINT MOCK EXAMINATIONS

**Uganda Certificate of Education**

**LUGANDA**

**(Okusoma bwino, eby'obuwangwa ne Litulica)**

**Olupapula olw'okubiri**

**Essaawa bbiri n'ekitundu.**

**EBIGOBERERWA:**

- *Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bisatu,* **A, B,** *ne* **C**
- *Ekitundu A ne B byabuwaze.*
- *Kitundu* **C**, *londamu ebibuuzo bisatu okuva mu butabo obw'enjawulo ng'akamu ku bwo kabitontome.*

**Bikkula**

© WAKISSHA Joint Mock Examinations 2018

Scanned by CamScanner

## EKITUNDU A

**1. Soma ekitundu ekikuweereddwa n'oluvannyurna oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.** (Obubonero 25)

Ekika kye kibinja ky'abantu nga balina obuzaale n'obujjajja obumu era nga n'ensibuko yaabwe y'emu okuviira ddala ku jjajjaabwe omuberyeberye. Ekika kibeeramu abantu bangi era olw'obungi bwabwe bangi tebamanyagana mu buntu naye nga balina ekibagatta n'okumanyagana ng'omuziro, amannya n'omubala. Ebyo bye bimanyisa nti gundi yeddira omuziro gundi kasita ekimu ku ebyo waggulu kimanyibwa.

Eggwanga ly'Abaganda liyawuddwa mu bika eby'enjawulo wansi wa Kabaka naye ekyewuunyisa kwe kuba nti; okuba mu bika eby'enjawulo tekwawulayawula mu Baganda obutafaanana ng'eddiini oba ebibiina by'obufuzi. Abaganda nga bakola ekintu ekibakwatako ng'ekika basosoze naye oluvannyuma bwe kituuka okukolera eggwanga enjawulo eyo eggwaawo mu lutemya lwa liiso.

Mu byafaayo bya Buganda ebiri mu bikumi n'ebikumi by'emyaka tewaaliwo lunaku n'olumu ab'ekika gundi lwe baatabaala ekika ekirala ekiraga obumu n'oluganda lw'Abaganda. Kabaka bwe yakyawa ekika ky'Enjovu n'asalawo okukiyigganya, ekika ekyo kyekweka mu kika ky'Effumbe ne kibulira omwo olwo Kabaka n'alemwa okukisaanyaawo. Oluvannyuma ng'obuzibu buweddewo, ab'Enjovu baddamu okuba ekika ekigumu newankubadde nga Abaganda bwe baalugera nti. "Akugoba tabulwa ky'akusuuza," amannya agamu ab'Enjovu ge batuuma gasangibwa ne mu Ffumbe kale ne tutamanya oba ga Ffumbe oba ga Njovu.

Bwebatyo Abaganda balimu we tuwandiikidde bino, ebika ng'ataano mu bibiri (52) naye nga bigenda byeyongera olw'ebika ebimu okugenda nga byekutulamu. Gamba ng'ekika ky'Ennyonyi kati ekirimu:
Ennyange, Nakinsige, ŋŋaali, Akasanke, Endiisa n'ebirala. Nga bwe twagambye waggulu, newankubadde Ennyonyi yeekutuddemu naye tewali bulabe bwonna wakati w'ennyonyi ez'enjawulo Nakinsige, Endiisa oba Ennyange. Ate bwe gutuuka okukola nga Abaganda, tewabaawo njawulo yonna wakati w'ebika ebirala okuggyako okuvuganya mu ngeri ey'essanyu n'okwagalana, ng'abo bali wansi wa Ssaabataka, Ssaabasajja Kabaka wa Buganda.

Buli kika kirina obutaka oba ekiggwa gye kisibuka ng'obutaka obwo gemaka ga jjajjaabwe omuberyeberye eyatondawo ekika ekyo. Ekyokulabirako, omutaka omukulu w'ekika ky'Enkima obutaka bwe buli Bbira (Busiro); obwa Ndugwa ow'Olugave buli Katende mu Mawokota, obwa Mukalo ow'Enjovu buli Kambugu mu Kyaddondo, n'abalala bwe batyo mu butaka bwabwe mu bifo eby'enjawulo mu Buganda. Olwokubanga ekinyusi kya Buganda ey'edda kyali mu Busiro na Kyaddondo, n'obutaka obusinga buli mu masaza ago.

*(Kisimbuddwa mu: OBUWANGWA N'ENNONO Z'ABAGANDA: M. Mutyaba ne E. Kituuka)*

**Ebibuuzo:**

(a) Bintu ki ebigatta abantu mu kika n'okumanyagana wadde nga tebeemanyi mu buntu? (Obubonero 03)

(b) Eddiini n'ebibiina by'obufuzi omuwandiisi abyeyambisizza kutuggyirayo ki? (Obubonero 03)



Scanned by CamScanner

(c) Okuyambagana n'okukolagana mubika eby'enjawulo kulagiddwa kutya? (Obubonero 03)

(d) Menya ebintu bitaano (5) eby'enjawulo omuwandiisi by'ayogedde ku bika mu kiba. (Paragraph) ekyokusatu. (Obubonero 05)

(e) Enjogera "Akugoba tabulwa ky'akusuuza," etuukidde etya ku b'Enjovu? (Obubonero 03)

(f) Nyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe byeyambisiddwa mu kitundu ky'osomye. (Obubonero 04)

- (i) Mu buntu.
- (ii) Lutemya Iwa liiso.
- (iii) Baatabaala.
- (iv) Bulabe.

**Ku buli kibuuzo (g, h, i, j) koppolola eky'okuddamu ekisingako obutuufu.** (Obubonero 04)

(g) Buganda ng'ensi...................

- (i) ya byafaayo.
- (ii) ebaddewo okumala ebbanga ddene.
- (iii) teriimu bantu batalina bika.
- (iv) erimu ebyafaayo ebyewuunyisa.

(h) .................kye kyawonya ab'ekika ky'Enjovu obutasaanawo.

- (i) Ekisa kya Kabaka.
- (ii) Okulowooza amangu.
- (iii) Ab'Effumbe okujeemera Kabaka.
- (iv) Obuntubulamu bw'Abaganda.

(i) Ssaabataka mu Buganda......

- (i) y'afuga Bbira. Katende ne Kambugu.
- (ii) y'amanyi ebifa ku bika.
- (iii) y'akulira abataka abakulu b'ebika.
- (iv) y'avunaanyizibwa ku mannya g'ebika.

(j) Ebika mu Buganda.....................

- (i) bisukkamu ataano mu ebibiri.
- (ii) Kabaka y'abibeezaawo.
- (iii) obutaka bwabyo buli mu Busiro ne Kyaddondo.
- (iv) amannya gaabyo gafaanagana.

## EKITUNDU B

*Kola 2(a) ne 2(b)*

2. (a) **Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa.** **(Obubonero 10)**

- (i) .............................................................................y'agaggyako omukkuto.
- (ii) Emyungu emiwagiikirize .............................................................................
- (iii) Ab'omugumu baba bakaaba.............................................................................
- (iv) .............................................................................akuba awumba engalo.

**Bikkula**



Scanned by CamScanner

(v) Batta miggya ..............................................................................

(vi) Ofunda n'omuliika..............................................................................

(vii) Enkoko y'omwavu ..............................................................................

(viii) .............................................................................. bw'etabba n'eyigga.

(ix) Ezenkanankana n'ebisiki ..............................................................................

(x) Eriiso ly'omukulu ..............................................................................

(b) Engero zino zituyigirizaaki mu bulamu bwaffe obwa bulijjo? (Obubonero 5)

(i) Wakka awunya "nga ggw'omulumbye ku nswa ze".

(ii) Eyawukana ku mugendo efuuka kaasa.

(iii) Asiika obulamu tassa mukono.

(iv) Oluyitaayita lukira oluliira ku nkoligo.

(v) Omukwano gw'abato gufa nseko.

## EKITUNDU C

**Ddamu ebibuuzo bisatu (3) byokka okuva mu butabo obw'enjawulo ng'akamu ku bwo ka bitontorne.**

C. KALINDA: *Pawulo Kirimutta*

**Kola 3(a) oba 3(b)**

3. (a) Nnyabo ekisiraani Kino ani akireese ku kyalo kyaffe. Bannange ekisajja tekifanga era! ng'omuntu alabye.

i) Baani aboogeraganya mu mboozi eno? (Obubonero 2)

ii) Aboogeraganya baali bakola ki? (Obubonero 2)

iii) Bintu ki ebiraga nti ebisiraani bigoberera omuntu ayogerwako mu mboozi eyo waggulu mu lugero lwonna? (Obubonero 16)

**oba**

(b) Nnyonnyola ensonga eziraga nti ebizibu ebituuka ku Pawulo yabyetuusaako ye kennyini. (Obubonero 20)

ROBERT .G. MUKASA: *Tokiiya ŋŋonge nto*

**Kola 4(a) oba 4(b)**

4. (a) "Newankubadde Tokiiya ayita mu kusoomoozebwa, alina bingi ebireetera omusomi okumwesiimisa." Leeta ensonga ezimwesiimisa. (Obubonero 20)

**oba**

(b) Bantu ki abayamba tokiiya okutuuka ku buwanguzi era bamuyambanga batya? (Obubonero 20)



Scanned by CamScanner

## W. KIYINGI: Gwosussa Emmwanyi

**Kola 5(a) oba 5(b)**

5. (a) "Abakazi bafunye ebbeetu kumulundi guno ne bakamala, omukazi owange anjasamiza atya akamwa?"

i) Ani ayogera ebigambo byo era abigamba ani? (Obubonero 2)

ii) Biki ebyali bya kabaawo (Obubonero 4)

iii) Laga ebintu ebyeyolekeramu ebbeetu ly'abakazi mumuzannyo guno. (Obubonero 14)

**oba**

(b) Bw'osoma omuzannyo guno nneeyisa ki ez'abantu ez'enjawulo omuwandiisi z'afaanana okuvumirira era lwaki? (Obubonero 20)

## PHOEBE MUKASA: Jjangu tutontome

**Kola 6(a) oba 6(b)**

6. (a) Soma ekitontome OBUFUMBO oddemu ebibuuzo.

**OBUFUMBO**

Obufumbo bwa leero bwa nkalu,
Bw'olaba abunywereddc mwagale,
Bunobyanobya abakazi,
Bubakamula entuuyo,
Bubaleetera obuzibu,
Bw'oweerwa n'obuwangaaza ng'owonye!

Obufumbo bwa leero bwa ngeri,
Bw'olaba abuzannyirako mwamuke.
Busitunkanya abakazi,
Babatambuza sserebu,
Bubatwala mu bbaala.
Bw'osanga anaabutuukiriza eryo ssanyu!

Obufumbo bwa leero bwa mmunye!
Abawala bataayaaya mu kkubo
Banakuwaza abakulu,
Tebayanjula basajja,
Babatwalira awo,
Omuwala omuteefu ennyo akubula!

Olumutuusa mu nnyumba ng'akaga,
Obugole abusudde eri ku bbali,
Atandika okufumba,
Emmere misumaali,
Kuwaata takuyinza,
Ate omuwala omubuulirire omujja wa?

Bikkula

Scanned by CamScanner

Bwa kiyita mu luggya nnyo bannyabo,
Omuwala atali mubuuliririre wa nkalu,
Asegenyeza eŋŋambo,
Tamanyi kufumba nva,
Ebintu tabituukiriza.
Ggwe ng'anaabibuuza ani abimanyi!

Omusajja. olw'okulaba omuwala
Nga naye amulonze eri mu kkubo
Atandika okujooga,
Akola bwa malaaya,
Oluusi asula bweru,
Ekitiibwa ng'akimuggyemu omukazi.

Bw'alaba bituuse awo nno nnyabo,
Ng'asibasiba ebintu ng'atema,
Atandika okupanga.
Omuzigo mu banne,
Obufumbo bufudde,
Olwo nga kireercese wa kkumi!

Mbakubira omulanga nno bannyabo,
Mbakubiriza bannange bassebo.
Mufube okuyamba,
Munyiikire okukuuma,
Abaana ba muwendo.
Eggwanga lifune obufumbo obw'empisa.

**Ebibuuzo:**

(i) Mukasa atukubidde bifaananyi bya ngeri ki mu kitontome kino? (Obubonero 4)

(ii) Nnyonnyola ku nsengeka y'ekitontome kino. (Obubonero 6)

(iii) Omuwandiisi yeeyambisizza bukodyo ki okufuula ekitontome kino ekyangu? (Obubonero 5)

(iv) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino: (Obubonero 5)
- Abunyweredde
- Mwamuke
- Kiyita mu luggya
- Ng'atema
- Takuyinza

**Oba**

(b) Nyonnyola ebyo ebinyigiriza obulamu bw'abantu nga Phoebe bwabitulaga mu bitontome bye. (Obubonero 20)



Scanned by CamScanner

**Kola 7(a) oba 7(b)**

7. (a) Soma ekitontome ABAFUZI ABAZZE oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

ABAFUZI ABAZZE
Omuzungu yatutta nnyo
Bwe bufuzi bwe ndojja
Butuliddeko abantu
Butuliddeko obyalo
N'amayisa amantu.

Buganda yafiirwa nnyo
Be bantu baffe be nkulaga
Be tutenda abandijunye
Obuganda bwaffe obuliwo
Amagezi gaabwe ago,
Tugakaaba twandifunye
Ebirungi nantabalwa.

Ka nkumenyere abatono
Ye Kiwanuka owaffe ,
Eyalangibwa amazima
Olw'okukula kwa Nnyaffe
Olw'omululu gw'abafuzi
N'atulekera omuliro
Ogw'abafuzi gwe bakumye!

Ku Miteesa gyaffe wano
Nga Muteesa waffe alamula
Baamusingisa enkaaga
Mu Buganda eradde
Ne batabangula eddembe
Olw'obufuzi bwe ndojja.

Ggwe menya kube simenye
Abaatusiibula amangu
Olw'obufuzi bwe ndojja
Kankikinale mbuuze,
Obuganda bwazzaaki?
Okulangibwa abazzi,
Olw'ebirungi bye tulina!

Ka nseyegguke ndojje
Era nkutendere ebirala
Ebyoobufuzi obuzzi.
Luno Lubiri lwaffe luno

Baalutwala baatumira!
Omutanda yandizze,

Bikkula





Scanned by CamScanner

N'atubuulira eby'edda
Ne tutebenkera ffena!

Obulange bwaffe obwo
Baali baabutwala baabwezza
Ne babufuula obwa bonna
So nga bwali bwa Nnyinimu!
Eyandinunudde ebya Nnyinimu.

Baabutwala baabwezza
Ensimbi zaali za Nnyinimu
Baazisonda baaziweza
Baagulumiz'ennyumba
Agisange ng'Atuuse.

Mmaliriza ŋŋamba
Tuubaleebale ebintu
Tutunuulire abantu
Balitambula amangu
Ebyayonooneka ebintu
Olw'Abafuzi baffe bano
Tutebenkeze eggwanga
Nga tugoberera ensonga
Ezibakyayisa abantu
Atebenkere Nnyaffe
Ku lwa Katonda n'Ensi yange.

(i) Bizibu ki abafuzi abazze bye batuusa ku nsi yaffe? (Obubonero 4)

(ii) Nnyonnyola ku lulimi Omuwandiisi lweyeeyambisizza. (Obubonero 4)

(iii) Ennyiriri zino zirina makulu ki? (Obubonero 4)

- N'amayisa amantu
- Mu Buganda eradde
- Obulange bwaffe obwo
- Atebenkere Nnyaffe

(iv) Obukugu bw'omutontomi abwolesezza atya mu kitontome kino? (Obubonero 8)

oba

(b) Abantu abalungi balagiddwa batya mu bitontome bya Balya n'Enseekeezi? (Obubonero 20)

BIKOMYE WANO.



Scanned by CamScanner